# *ICMINISTRIES*

## ***“OBUWEREZZA OBUFAY’ENYO”***

***(Engeri yokuyigiriza baibuli n’okutegeka Obubaka)***

# *Engyiga Ya Baibuli Elunngamiziddwa*

**Engeri yokuyigamu ebyawandikibwa  obulungi**

***Akatabo kano katekebwatekebwa nga kab’Abasumba n’abakozi mu kanisa***


Intesive Care Ministries
P.O.Box 109
Mentone, CA 92359 USA
(909) 798-0451
info@icmbible.org
**www.icmbible.org**

## EBIKWATA KUKATABO:

**Akatabo kano katekebwa tekebwa emyaka mingi egiyise mukolaganira awamu n'abasumba era nabawereza Firipini nga kategekebwa Omusumba, Dan Finfrock. katekebwatekebwa okuyamba abakulembeze, okuyiga baibuli nga tebalina bitabo birara binyonyola, era nga tebitera kusangibwa mumaterekero g'ebitabo agabakulembeze mumawanga agakyakula.**

**Nga ebyawandikibwa binyonyodwa bulungi, abayizi bayiga engeri enungi eyokwekenenya, okuvunula n'okusa ekigambo kyakatonda munkola. Ebyawandikibwa binyuma ng'okozeseza engeri enungamu.Engiga eno eno eya bayibuli, eyokwezulira nyangunyo mukuyiga ebyawandikibwa.**

**Era akatabo kano kayinza okweyambisibwa okusomesa abo abagala okuyiga ekigambo kya Katonda obulungi.Kakozesebwa mumawanga mangi, era nga kavunudwa munimi ezisuka mwabiri.**

# EBIKWATA KU MUWANDISI

**Omusumba Dan Finfrock, yakulira mu bu minsani bwe kikuristayo mukanisa (Alliance church) mu Redland,California. Oluvanyuma nayingira mutendekero lya baibuli eriyitibwa "Simpson"Oluvanyuma lw'okutikirwa mu univasiti ya "Redilandi" natandika okusomesa esomo lino okumala emyaka mukaga mu somero mweyasomera nga. Olwo no nagenda mubusumba nawereza mumakanisa nga mukaga, asattu kugo nga yeyagatandikawo. Ekanisa ye eyasembayo yal kanisa yamusalaba eyo mu "Banningi"(calvary chapel ya Banning)**

**Mu 1985 yagenda na ba makage mu Firipini natandikayo obuwereza obufayo(Intensive care ministries). Yalaba nga kyetagisa nyo okulaba nga tendeka abasumba mukitundu ekyo okweyigiriza baibuli, Enjigiriza eno enungamu ekolanyo ate nga nyangu okuyiga. Mu 1991 yaddayo mu america n'atandika okubangawo obuwereza mumawanga manji. Rasha ebade nga yesize okutunulibwa okumala emya munana. Era obuwereza buno bulina abantu mukaga okuva mu Rasha nga bakola mumawanga agenjawulo. Dani kati abera mu Mentoni, Californiya, ne mukyala we Debi ne mutabani wabwe omuto Aloni. Balina abaana abalala abakulu ba sattu Nasani,Lela ne Corrie. Dani atambula nyo mumawanga agakyakula.**

# INTESIVE CARE MINISTRIES:
# (OBUWEREZA OBUFAYO ENYO)

## ENGERRI GYE TUKIRIZAMU

1. **Tukiiriza nti okwagala kwaKatonda kuli eri abantu bonna, era olwokwagala kwe, yasindika Yesu agye affirire abantu bonna kumusalaba olwebibi byabwe, era nga yazukira mubafu kulunaku olwokusatu**

**NOLWEKYO: Tubulira okusonyiyibwa kwebibii ne Yesu eyazukira.**

2. **Tukiriza nti ebyawandikibwa byona byava eri Katonda era biyamba olwokuyigiriza,olw'okunenya, okuwabula, nolwo kutendeka olwobutukirivu olwo no omuntu wa katonda abe ng'abangudwa olwo mulimu gwakatonda omulungi. ( 11TIMOSEWO 3:26 NE 17)**

**NOLWEKYO: Tusimba esira kukuyigiraza ekigambo kya Katonda.**

3. **Tukiriza nti Katonda ayimusizza abantu abalina "ebirabo" banyweze omubiri gwa Kristo, olwo gukule era bakulire mu Kristo. (ABEFESO 4: 11-16)**

**NOLWEKYO: Tunonya abalina ebirabo tubayambe bayigirize ekigambo kya Katonda.**

4. **Tukiriza mukukomawo kwamukama waffe era omulokozi waffe. Yesu Kristo okwamangu ddala .**

**NOLWEKYO: Tugenda netufula amawanga Abayigirizwa. (MATTAYO 28:19)**

5. **Tukiriza nti tuli omubiri gumu mu Kristo ne wankubadde ebitundu bingi mukanisa ye, okuyita mukukola kwo mwoyo omutukuvu, tuli omu mu Kristo.**

**NOLWEKYO: Tuli basanyufu okuma obumu bw'omwoyo. (ABEFESO 4:3)**

## EKIROTO KYAFFE KYETWATULA:

**Obuwereza buno obufayo enyo, bwatantikibwa wo okuyamba Abasumba n'abakulistayo olwomulimu gwo buwereza.Ekigendererwa kyaffe kiri mungeri biiri:1.Okubasomesa engeri gyebasoma mu baibuli.
2.Okubayamba okulisa ekisibo nga bayita mungeri enungamu.Ekiroto kyaffe kwekulaba nga tutandikawo enkola munsi ez'enjawulo okulaba nga tutukiriza ebigendererwa ebyo.**

**EBISANGIBWA MUKATABO KANO:**

**Okutunulira olukungana lwona awamu---------------------------------------5**
**Ebitabo bya Baibuli--------------------------------------------------------6**
**Engeri zokuyiga Baibuli---------------------------------------------------8**
**Enyinyonyola :**
**Y'okwekenenya------------------------------------ 9**
**Y'ezivuunula----------------------------------------- 10**
**Y'enkozesa------------------------------------------ 14**
**Engeri yokwesomesamu baibuli------------------------------------------ 15**
**EBYOKOLA:**
**# 1.Ebikwata kubyafayo-------------------------------------- 19**
**# 2.Ebitontome------------------------------------------------- 22**
**Ebyogera kunsomesa eno-------------------- 23**
**# 3.Ebaluwa z'abatume -------------------------------------- 32**
**# 4.Ebitontome by'abebulaniya------------------------------ 36**
**# 5. Ebibuzo ------------------------------------------------- 40**
**# 6. Engero --------------------------------------------------- 45**
**# 7.Obunnabbi--------------------------------------------- 49**
**EBYOKOLA EBYOKWESALIRAWO:**
**Yokkana 13---------------------------------------------- 56**
**Firemooni ------------------------------------------------ 58**
**Issaya 55------------------------------------------------- 59**
**EBYONGERWAKO KUBIRI MUKATABO:**
**Okutandika n'okulembera okuyigiriza---------------------------- 61**
**Ntegeka ntya?------------------------------------------------- 61**
**Okwekebera bwokulembera---------------------------------------- 62**
**Byosanye okufako------------------------------------------------ 64**
**Ekikula kyobubina obutono---------------------------------------- 66**
**Ekikula kye mbulira enambulukufu------------------------------------- 70**

**AWALI EKYOKUDDA MUBIBUZZO**
**(answer sheet paper)----------------------------------------------------79**

## Okutunulira olukungana lwona awamu

**Okulambika ensonga enkulu okuva Mukitundu.**

**Empandika ya baibuli**

**1.Ebyafayo**
**2.Ebaluwa**
**3.Engero**
**4. Ebitontome**
**5.Obunnabbi**

1.xxxx xxx xx xxx
a. xx xxxx xx
b. xxx xx xxxx
2. xx xxxxxx xxx xx x
3. xxx xxx x xxxx x
4. xx xxxx xxxxx xx

**Ensengeka**

| Okwekenenya | Enzivunula | Enkozesa |
|---|---|---|
| 1.xxx xx xxxxx | xxxxxx xxx xx xxxxxx | xx xxxx xxxxx |
| a xx xxxx | xxxxxx xx xx xx | xxxx xx x xxx x |
| b.xxxx xxx | xxx xxxx xxx x xxx | xxxx xx x xxxx x |
| c.xx xxxxxx | xxxx xx xxx | xxx x xxx xx x |
| d.xx xxx | | xxxxxx x xx |
| 2, xxx xxxxxx | xxxx x xxxx x xxx x | xx xxxx xxxxx x |
| a xx xxxx | xxxx x x xxxx x | x xxxxx xx xxxx |
| b xxx xxxxx | xxxxxx xxx x xxx | x xx x xxxx |

**Okufunza obubakka**

1.xxxx xxx xx xxx
a.xx xxxx xx
b.xxx xx xxxx
2. xx xxxxx xxx xx x
3 xxx xxx x xxxx x
4 xx xxxx xxxxx xx

**Obubaka**

**Ebibbuzo**

1.xxxx xxx xx xxx
a.xx xxxx xx
b xxx xx xxxx
2.xx xxxxx xxx xx x
3. xx xxxx xxxxx xx
4. xx xxxx xxxxx x

**Okusomesa baibuli**

# EBITABO BYA BAIBULI NGA BWE BYATEGEKEBWA:

***Oyinza okuyigira ku ngalo zo, okuva kukigalo ekisajja okutuka ku naswi , byebitabo by'endagono enkadde:***

## A.Ebitabo ebittano ebisoka "ebyamateka"

**Olubereberye,Okuva, Eby'Abalevi ,Okubala,, n'Ekyamateka olw'okubiri.**

## B.Ebitabo ekumi n'ebibiiri ebiddako "ebye byafayo"

**Yoswa , Ekyomulamizi , Luusi,1samwiri , 11samwiri , 1 Bassekabaka , 11Bassekabaka, 1 Ebyomumirembe, 11Ebyomumirembe , Ezera, Nekemiya, n'Eseza.**

## C.Ebitabo ebitano ebiddako bya "bitontome"

**Yobu,Zabbuli,Engero,Omubulizi, n'Oluyimba.**

## D.Ebitabo ebitano ebiddako bye bya"Bannabbi abakulu"

**Isaaya, Yeremiya,Okukungubaga,Ezeekyeri ne Danyeri**

## E.Ebitabo ekumi n'ebibiiri ebidako bye bya"Bannabbi abatabalwa kuba bakulu "

**Koseya, Yoweri, Amosi,obadiya,Yona,Mikka,Nakkumu, Kaabakuuku,Zeffaniya,Kaggayi,Zekkaliya ne Malaki.**

***Empataanya zenbalo okuva kukigalo ekisaja okutuka kunaswi zeziraga nga endagano empya bweyatekebwa tekebwa:***

## A. ENJIRI YAMUKAMA WAFFE.

**Matayo. Makko. Lukka, ne Yokaana.**

## B.EKITABO KYEBYAFAYO.

**Ebikolwa byabatume**

## C.EBBALUWA.

**Abaruumi, 1 Abakkolinso,11Abakkolinso,Abaggalatiya, Abaefeso,Abafiripi,Abakkolosaayi,1Abasessalonika, 11Abasessalonika,1Timosewo,11Timosewo,Tito, Firemooni,Abaebulaniya,Yakobo,1Peetero,11Peetero,1Yokaana,11Yokaana,111 Yokaana, ne Yuda.**

## D.EKYOBUNNABBI

**Okubikkulirwa.**

EBITABO BYABAIBULI.

Somesa baibuli yona. Jukira okuyigiriza kwa Pawulo nga sibula abakadde mu Efeso, " Sabakweka kigambo nakimu ekyava eri Katonda.

## Engeri ez'okuyiga Baibuli

**Engeri ez'okuyiga Baibuli esatu ezisinga okukozesebwa, ziri:**

- **<u>Okwezuulira</u> - "okujamu Ensonga ezogedwako mukitundu"**
- **<u>Endowoza</u> -"Okutandikira kukirowozo kyo oba ekyo ekiriwo, olwono nogenda mubyawandikibwa osobole okuwagira endowozayo nti ya Bayibuli"**

- **Okwetta----"Okugabana endowooza"( Wano abantu basoma busomi ekitundu olwo no nebabuka nebatandika okugabana endowoza zabwe, kwebyo byebalaba, nge ebyobufuzi.**

# Enyinyonyola y'ebigambo

| Okwekenenya | Enzivuunula | Enkozesa |
|---|---|---|

## *Ky'osomye kigamba kitya?*

- **Some ekyawandikibwa emirundi egiwerako**
- **Wandiika okubikulirwa kwosos okufuna**
- **Wandiika Ani, Kiki, Ddi, ne Wa**

# Enyinyonyola y'ebigambo

| Okwekenenya | Enzivuunula | Enkozesa |
|---|---|---|

## *Ky'osomye kitegeeza ki?*

- **Sook'ovuunule ekyawandikibwa nga bwekyawandikibwa.**
- **Kisome nga weetegereza embeera mwekyawandikibwa(mukinyusi kyakyo).**
- **Leka ekyawandikibwa kivuunula ekyawandikibwa**
- **Endagaano empya gyob'osinga okusaako essira**

# Engeri egobelerwa mu Nzivunuula ye byawandikibwa.

Okusobola okutegeera ekigambo kya Katonda, kyetaagisa okubako byogoberera. Okubako byogoberera, tekitegeeza nti buli kiseera on'otuuka ku mpunzika entuufu, nay'ate bwotogagobelera, emirundi egisiinga ogya kwesanga munsobi.

**Zino zenkola enungamu ezimu kwezo ezitatera kufibwako.**

## I. KOZESA EBYAWANDIKIBWA OKUNYONYOLA BYOYISEEMU SO SSI BYOYISEEMU OKUNYONYOLA EBYAWANDIKIBWA.

Abantu bwebakozesa byebayiseemu okunyonyola ebyawandikibwa, byebayiseemu bifuuk'omusingi gwenjigiriza. Ekigambo kya Katonda yenono y'obulamu bwaffe, er'obulamu bwaffe buli wansi w'obuyinza bwekigambo kya Katonda
Buli kiseera Omukulisitaayo bwakozesa enkola yeemu eyamukolerako kubuli mbeera, yeeteeka mu mbeera wayiinza okwonoona enono enkol'eyo kweyesigamye, newakubadde nga enkola eyo ewagirwa Baibuli. Ekyokulabirako kya musajja eyalina obuzibu n'enkola y'ekibanja mpola n'awera buli ngeri y'okulya amabanja. Kino kyamuyamba nyo okuyita mubizibu bye nti yatandika okuyigiriza nti omuntu yena alidde ebanja aba amenya teeka lya baibuli erigamba nti, "Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna…" (Abaruumi 13:8). Mumbeer'eno omusajj'ono yakozesa byeyayitamu okunyonyola ekyawandikibwa, bwatyo byeyayitamu nebifuuka enono mukifo ky'enono eri mu baibuli.

## II. WEWALE OKUWUNZINKA NG'EBYAWANDIKIBWA TEBIWUNZISE.

Baibuli erina ebitundu bingi byeereka nga tewunzise. Weegendereze nyo obutasussa mu baibuli bye gamba. Ensonga nyinji okugeza omuntu omu byeyayitamu, enyambala, eby'obugaga omuntu byalina okubeera nabyo, oba enzirukanya y'ekanisa, omuntu alina okweetuukira ku mpunzika eyiye kububwe newakubadde ng'ebyawandikibwa byo tebyawunzika. Mumbeera ng'eyo kiyinzika okweetaagisa okufuna enkola eneesigamwanga ko, naye ate tovumilir'abo abawukana mundowooza nawe. Weeyongere ng'obaagala.

## III. MANYA OBA EBYAWANDIKIBWA BYOSOMYE BYAKOZESEBWA NGA NGERO, KUWA KIFAANANYI OBA BITEGEEZ'EKYO KYENYINI KYEKYOGERA.

Baibuli bwe ba ng'egamba kati nti ekyawandikibwa kikozesebwa kkuwa kifaananyi, kitwaale bwotyo. Emirundi mingi baibuli ekutegeeza nga ekyawandikibwa kyakosebwa mungeri yolugero. Emirundi egimu ebyafaayo, embeera oba ekifo ekyogerwako biyinza okubeera nga bya buliwo oba nga bikozesebwa  kkuwa kifaananyi. Mubagalatiya 4 Olusozi Sinaayi lwakozesebwa kuwa kifananyi ky'obuddu ate Yerusaalemi kifaananyi kya kisa. Ebifo bino wano bikozesebwa nga ebifananyi ebiraga eby'omwooyo.

Ekyawandikibwa kitwaale nti kikozeseddwa kuwa kifananyi bwosanga nti mukukikozesa mungeri yakyo eyabulijjo tekikuwa makulu matuufu oba gategeerekeka. Eky'okulabirako, bwosanga nga ekintu ekitalina bulamu kikozesebwa okunyonyola embera y'ekintu ekiramu. Mu njiri ya Yokana, Yesu ayogerwako nga "Omulyango," "Omugaati," "Amazzi," n'ebirala bingi. Bino ebigambo byona byakozesebwa kuwa kifaananyi.

Mu Bafiripi 3:2, Paulo alabula, "Mwekuumenga embwa." Yali nga ayogera ku kibiina ekyaali kyewagudde ku njigirizza entuufu ey'obulokozi. Bwekityo "embwa"  kyakozesebwa kuwa kifaananyi ky'ekyo ekyaali kiteegezebwa. Yesu agamba mu Luka 13:32, "Mugende mugambe enkerettanyi eyo…" Yali nga ayogera ku Kelode. Nakyo kitwalibwa nga kifaananyi.

Emirundi egimu ekigambo kiyinza okukozesebwa okuwa ekifaannyi nay'ate nekikozesebwa okutegeza ebintu ebyenjawulo mubifo ebitali bimu mu baibuli. Eky'okulabirako, "Empologoma" mu baluwa ya Petero esooka 5:8 eyogera ku Sitaani, nay'ate "Empologoma" mu Kubikulirwa 5:5 etegeeza Yesu Kristo. Nolw'ekyo, enkozesa y'ekigambo esinziira ku mbeera mwekikozeseddwa.

Ekigambo tekiyinza kukozesebbwa munkozesa yakyo eyabulijjo ate era nekikozesebwa okuwa ekifaananyi mukiseera kyekimu. Ekigambo bwekiba kikozeseddwa mulunyiriri okuwa ekifananyi, kiba kisukulumyeeko ku nkozesa yakyo eyabulijjo. Naye ate enkozesa y'ekigambo ekyo eyabulijjo bwebanga esobola okukozesebwa neeba n'amakulu, kisobola okukozesebwa.

## IV. TOGEZAAKO KUKYUSA KYUSA MUBYAWANDIKIBWA.

Togezaako kunyonyola byawandikibwa bya baibuli ng'okozesa endowoza z'abagezigezi n'endowoza za sayansi. Ez'endowoza zikyuukakyuuka

n'ebiseera. Baibuli y'ate  tekyuuka emirembe gyonna. Okumala emyaaka mingi abasomi bebyafaayo baavumilira nyo baibuli kubanga tewaaliwo bintu byonna byaali bizuliddwa okuwa obukakafu nti egwanga lya Abakiiti elyoogerwaako mu byawandikibwa ddala lyaaliyo. Mu mwaka 1907, abanoonyereza ebintu eby'edda baazuula amayinja okwaali ebiwandiike munsi eyitibwa Take(Turkey). Kino kyawa obukakafu nti Abakiiti baliyo era negyebabera nga.

Tosaanidde kwenenyeza byawandikibwa mu baibuli, sayansi byatayinza kuwako bukakafu oba okugezaako okunyonyola ebyawandikibwa ng'osinziira ku sayansi byazudde. Kubanga baibuli kigambo kya Katonda at'era nga ntuufu nga bweeri, buli kyamagero na buli kyawandikibwa kirina kutwalibwa nga kituufu.

## V. EBYAWANDIKIBWA TOBIFUULA BYA MWOOYO.

Mukugezaako enyo okusanga "amazima ag'omwooyo" mubuli lunyiliri, abantu beesanga nga bakoze okuwuunzika okutuufu nga bakozesezza amakubo amakyaamu. Omuntu bwakozesa engeri enkyamu okutuuka ku kuwunzika okutuufu, abeera yeguddewo eri okulimbibwa engeri eyo gyakozesezza.

Eky'okulabirako, Ebikolwa by'atume 28 kyogera ku Paulo bweyawonyezebwa mu ngeri ey'ekyamagero bweyalumibwa omusota ogw'obusagwa. Omuntu ayinza okukifuula eky'omwooyo n'agamba nti, "Omusota" gutegeeza Sitaani alumba abatukuvu naye buli kiseera awangulwa."

Okuwunzika bwootyo kiyinza okubeera  ekituufu era kiyinza okuba nga kiyigirizibwa bwekityo mukitundu ekirala mu baibuli, naye Ebikolwa by'abatume 28 ssi kyeyigiriza. Kuno kubeera kkozesa kigambo kya Katonda mu bukyaamu.

# Enyinyonyola y’ebigambo

| | | |
|---|---|---|
| **Okwetegereza** | **Enzivuunula** | **Enkozesa** |

## *Nyanukule ntya?*

- **Eby’okulabirako eby’okugobelera?**
- **Ekibi Eky’okuleka?**
- **Ensobi Ez’okwewala?**
- **Ebisuubizo Eby’okukiriza?**
- **Ebiragiro Eby’okugondera?**
- **Eby’okukolebwa?**

# ENGERI EY'OKWESOMESAAMU BAIBULI

| ***Engeri ezenjawulo*** | ***Engeri Ez'engero*** | ***Engeri ez'okubulilira no,kuyimusa(Amabaluwa g'abatume)*** | ***Engeri Ey'ebitontome, Engero, Okubikulirwa okw'ekinnabbi*** |
|---|---|---|---|
| **Eky'okulabirako** | Ebyafaayo-okunyonyola kwebyaliwo.<br><br>Okugeza:Enjiri, Ebikolwa bya batume, Okuva, Eky'abaleevi, Okubala, n'ebyawandikibwa okuva mu ndagaano enkadde ku ba Ssekabaka. | Essomo nga bwerigenda lyeyongera okula<br><br>Ebaluwa za Pawulo-Abagalatiya, Abaluumi, Tito…<br><br>Ebitabo ebyawandikibwa Petero, Yokaana, Yakobo n'enjigiriza za Yesu ezimu. | Entegeka y'endowooza okuzifuula ezitegeerekeka. Baakozesa obubonera n'ebintu ebifanagana okugyayo bulungi endowooza. Okugeza: ZZabbuli, Oluyimba lwa Sulemaani, Isaaya, Yeremiya, n'engero za Yesu… |
| ***Byolina okumanya ebikulu*** *eby'engeri ez'enjawulo* | Ebifo, Abantu, ebyaliwo, n'engeri abantu gyebaali bawulira munda. | Endowooza, ebigambo, ebigambo ebikubuulira ekyokukola, amasomo, Ebigendelerwa n'ekitundu nga bwe kyasengekebwa. | Noonya enkozesa y'obubonero, n'ebyeefananyiriza..<br><br>Olulimi oluwa ekifaanayi. |
| ***Ebikozesebwa*** *Mu* ***Kwekeneenya*** | Buuza:<br><br>➢ Ani?<br>➢ Kki?<br>➢ Ddi?<br>➢ Wa?<br>➢ Kitya?<br><br>Ddamu oyogere ebyaliwo. | Wandiika engeri endowooza gyezigenda zikula ngabweweyongera okusoma.<br><br>So si bigambo ebiddidwaamu.<br><br>Noonya:<br>➢ Ebifaanagana<br>➢ Ebyaawukana | Abawandiisi Abeebulaniya baakozesanga nyo endowooza ez'efananyiriza ekyo kye baali bategeeza. Endowooza emu ng'eyinza okwoogerwa mungeri bbiri. |

<table>
<tr>
<td></td>
<td>Zuula enkolagana eri wakati w'abantu abawa-ndikiddwako.<br><br>Gezaako okuwulira nga bwebaali bawulira.<br><br>Weeteeke mu bigere bya buli mbera eyogerwaako mu lugero olwo.<br><br>Olaba ki?<br>Owulira otya?<br>Olowooza ki?</td>
<td>➢ Ebigambo ebiyitibwaako.<br>Nga:<br>• N'olweekyo<br>• Okusobola<br>• Kubanga<br>• Kulw'ensonga nti<br>• Okuuva<br><br>Bulikigambo kifuuka kikulu mukutegeera kyona awamu.</td>
<td>Olugero kyekika ky'ebigamgo eneeyisa y'abantu wegeraageranyizibwa n'ekintu mubutonde.<br>Okugeza: Engero 5:3<br><br>Ng'akozesa engero, Yesu yakweeka nga amazima okuva ku baali tebaagala kuwulira.<br><br>Okubikulirwa okw'obunabbi kwogera ku kubikulirwa kw'obwakatonda okw'ebintu ebigenda okujja n'ebiriwo.</td>
</tr>
<tr>
<td>EBIKOZESEBWA MU NZIVUUNULA</td>
<td colspan="3">Ebikozesebwa mu kunyonyola byebimu ku ngeri esaatu eziwandikidwaako.<br><br>Kubeera kugezaako okutegeera ekyawandikibwa kyekyali kitegeza eri abantu abasoka okukiwulira.<br><br>1. Omuwandiisi ategeezaaki okutuuka okuwandiika bwaati?<br>➢ Laba<br>➢ Wulira<br>➢ Lowooza<br><br>2. Lwaaki awandiika kino?<br><br>3. Kyategeezaaki eri abantu abaakiwulira mu biseera ne neeyisa ya baibukli?<br>Waliwo ebikozesebwa ebirungi okulagilira n'okuwa amagezi.<br><br>a) Nsonga ki eri emabega w'endowoza eyo?<br>b) Lwaaki omuwandiisi yagikozesa?<br>c) Yali ayinza okukozesa ekigambo ekirala?<br>d) Endowwoza eyo etegeezaaki?<br>e) Nkolaganaki eriwo wakati w'endowooza eyo n'endowooza ezigisooka?<br>f) Okussa munkozesa entuufu okusinzira ku mbeera kyamugaso</td>
</tr>
</table>

| | |
|---|---|
| | nyo. |
| ***EBIKOZESEBWA** MU*<br>***KUSSA MU NKOLA*** | **Ebikozesebwa mu kussa mu nkola byebimu mungeri zona esatu**<br>1. Saba Omwooyo omutukuvu akuyigirize. Abakolinso ekisooka 2:9-16<br>2. Laga ebyo byozude oba biyinza okola mubulamubwo.<br><br>Waliwo eky'okulabirako Nze/Ffe kyetuteekeddwa okugobelera?<br>Waliwo ekibi Nze/Ffe kyetuteekeddwa okuleka?<br>Waliwo ensobi gyetuteekeddwa okweewala?<br>Waliwo ekisuubizo Nze/Ffe kyetuteekeddwa okweetwalira?<br>Waliwo ekiragiro Nze/Ffe kyetuteekeddwa okugondera?<br><br>3. Ki ekiddako?<br><br>Ki kyenteeseteese okukola kwekyo?<br>Njawuloki gyekinaakola mu bulamu bwange?<br>Nteekateekaki zenyinza okukola mu bulamu bwange?<br>Ki kyenaakola?<br>Naakikola ntya? |

# Eby'okukola

# Empadika enyonyola  ebyafaayo.

Baibuli elina ebitabo bingi nyo ebyawandikibwa mungeri eraga ebyafaayo nga bwebyaagwaawo. Engero zino nyangu nyo zakutegeera. Mu Ndagaano enkadde, byebitabo ebyawandikibwa Musa, okutandikira ku kyo Lubereberye okutuuka ku Ky'amateeka, ebitabo eby'ebyafaayo(Yosuwa okutuusa Eseza). Mu Ndagaano empya, Ebitabo ebinyonyola, y'engiri yamukamawaffe Yesu ne kybikolwa b'Abatume.

Mu bino eby'okukola ebisoka, Ogya kuddamu ebibuuzo ebikwaata ku kitundu ekyo. Ebibuuzo bino byaakolebwa okulaga buli kika kya kibuuzo  bwekiri mungeri: Y'okwekenenya, Enzivuunula n'okussa munkola.
Mu by'okukola ebijja mu maaso ojja kweegezaamu nga bwoyinza okola ebibuuzo byo.

## Eby'okukola #1

1. Soma (Makko 2:1-12) emirundi egiwera. Twala obuddebwo nga bwewetegereza.

2. Damu ebibuuzo ebiri kulupapula oluddako. Fuba okulaba nti oddamu ebibuuzo byona. Teweemaliramu ku kibuuzo kimu obudde nebukugwako.

# MAKKO 2:1-12 (Essomo)

1. Awo ennaku bwe zaayitawo n'ayingira nate mu Kaperunawumu, ne kiwulirwa ng'ali mu nju.

2. Ne bakunngaana bangi, n'okugyawo ne batagyawo nate newakubadde mu mulyango: n'abuulira ekigambo.

3. Ne bajja abaaleeta omulwadde akoozimbye nga bamwetisse bana.

4. Naye bwe baalemwa okumusemberera olw'ekibiina, ne babbikula waggulu ku nnyumba we yali: ne bawummulawo ekituli ne bamussiza ku kitanda akoozimbye kwe yali agalamidde.

5. Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba akoozimbye nti Mwana wange, ebiibi byo bikuggiddwako.

6. Naye waaliwo abawandiisi abamu nga batudde nga balowooza mu mitima gyabwe

7. nti Ono kiki ekimwogeza bwatyo? Avvoola: ani ayinza okuggyako ebibi wabula omu ye Katonda?

8. Amangu ago Yesu bwe yategeera mu mwoyo gwe nga balowooza bwe batyo munda yaabwe n'abagamba nti Kiki ekibalowoozeseza ebyo mu mitima gyammwe?

9. Ekyangu kiruwa, okugamba akoozimbye nti ebibi byo bikugiddwako; nantiki okugamba nti Golokoka , weetike ekitanda kyo, ogende?

10. Naye mumanye nga Owana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi (n'agamba akoozimbye nti )

11. Nkugamba Golokoka, weetike ekitanda kyo oddeyo mu nnyumba yo

12. N'agolokoka, ne yeetika amangu ago ekitanda, n'afuluma mu maaso gaabwe bonna; awo ne beewuunya bonna ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti tetulabangako bwe tuti.

# Ebibuuzo ebikwaata ku Makko 2:1-12

**Kw** 1. Bantu ki abogerwaako mu lugero luno?

**Kw** 2. Okusinziira ku lugero, Yesu yali ludawa mukiseera ekyo?

**Kw** 3. Ki ekyaatukawo? Mu bigambo byo wandiika olugero luno.

**En** 4. Omuntu akozimbye abeera na bubonero ki kumubirigwe obumuwa obuzibu?

**Kw** 5. Kyandimuberede kizibu kitya okutuuka ku Yesu?

**En** 6a. Abasajja bano abana baali basajja ba ngeri ki?

**En** 6b. Lwaaki baali tebaweera?

**En** 6c. Yesu yali ayogera ku kukiriza kw'ani mu kiseera kino?

**En** 7. Lwaaki Yesu yagamba nti: "Mwana wange, ebibi byo bikuggiddwako."?

**En** 8. Abawaandiisi baali bebuza batya ku njogera ya Yesu?

**En** 9. Yesu yatandika ddi okudamu ebibuuzo byaabwe?

**En** 10. Damu osome enyiriri 9-11 nate. Ki ekyangu eky'okwoogera era lwaaki ?

**En** 11. Ekibi n'okukoozimba bifaanagana mungeriki ?

**En** 12. Omuntu akoozimbye ddala abeere atya?

**En** 13. Olaba wo ekintu kyona ekiringa akabonero k'ekyo Yesu ky'akolera aboononyi.

**Nk** 14a. Olina okukiriza okuyinza okutwaala omuntu akoozimbye mu mwooyo eri Yesu? Wandiika engeri z'oyinza okukola kino.

**Nk** 14b. Wandiika by'osanze mu kuleeta abantu eri Yesu. Osobola otya okuvuunuka ebizibu ebyo?

**Nk** 15. Wandiika engeri eziyinza okukozesebwa mu bulamu obwa bulijjo eziyinza okulaga nti ofaayo eri aboononyi.

**Nk** 16. Osobola otya okukolagana n'abantu abalala mu kuleeta abantu eri Yesu?

**OLI MUBAKA AGENDA ERI ABANTU.**

Byokola#2 Ebitontome
Engeri Zabaibuli

# *Ebitontome*

Empandiika y'Abaebbulaniya ey'ebitontome, ekozessa nyo olulimi oluwa obuwi ekifaananyi ky'ekyo ekyoogerwaako. Olulimi bwelutyo lutuusa obubaka/endowooza nga lukozesa ebigambo ebiwa omusomi ekifaananyi.

Ekyaawula empandiika y'ebitontome ey'Abaebbulaniya kundala, y'engeri enyiriri ezidiringana gye zeefaananyirizaamu, oba engeri akatundu akamu gye kafaananamu akalala. Engeri omuwandiisi gy'addingana ebirowoozo bye, kiyamba okutangaaza amakulu gaayagala okuwa.Ogya kuzula enfanaganya mubyokola ebidako.

Muby'okukola bino, ogya kusoma akatundu k'ekitontome. Naye okusooka, tulina okwanjula  byoon'okozesa nga weeyongera okuyiga baibuli. Eby'okukozesebwa byebino:1. okufunza ,2.n'okusengeka enkalala.

# ENGERI,ELUNGAMIZIDDWAEY'OKUYIGA BAIBULI (OKEZULIRA)

## OKUFUNZA EKITUNDU KYA BAIBULI

Okufuna amakulu agalimu

Okufunza ebaluwa y'omutume

Okufunza ebika ebirala eby'ebyaawandiikibwa

## ENSENGEKA Y'E KITUNDU MU BAIBULI

Okufuna amakulu agalimu

Eky'okulabirako munsengeka

**1. OKUFUNZA:** Ensonga efunzisa kwekutandika okweetegereza n'okwekenenya ekyawandikibwa. Waliwo engeri nyingi ez'okufunza ekyawandikibwa. Ekigendererwa kwekukutulakutula ekyawandikibwa okulaga amakulu ag'enjawulo agalimu. Omuntu alina okunokolayo buli makulu agali mukyawandikibwa okusobola okukitegeera obulungi. Mu ssomo lino, tukuwa engeri bbiri (2) ez'okufunza.

A. Engeri "enyangu" ey'okufunza, esobola okukozesebwa kubuli kitabo kya baibuli.

B. Engeri "eyokufunza ebaluwa z'abatume" eyanguya okuyigiriza ebitabo bye baluwa z'abatume.

**A.ENFUNZA ENYANGU.** Engeri eno esobola okukozesebwa kubuli kitabo mu baibuli. Oyitabuyisi mu kyawandikibwa n'onoonya amakulu agalimu- nga bw'ononya buli makulu wegatandikira ne wawegakoma.

Sooka osome ekyawandikibwa n'obwegendereza, emirundi egiwerako– tandika okunoonya **endowooza ezisinga okuba enkulu**. Zuula omulamwa omukulu ogw'ekyawandikibwa ekyo. Gano wammanga ge maddaala abiri agasookebwaako mweno engeri "enyangu ey'okufunza":

EDDAALA 1 – Wandiika enyinyonyola enyimpi ey'omulamwa omukulu ogw'ekitundu.
EDDAALA 2 – Kola olukalala lw'endowooza ezisinga okuba enkulu mu byawandikibwa ebyo nga bw'owa enyiriri ezenjawulo okuva mu katundu ako ak'ebyawandikibwa.

**Bulijjo genda lunyiriri ku lunyiriri.**

# (EBY'OKULABIRAKO EBYANGU MUKUFUNZA)

## ZZABBULI 128

OMULAMWA: Okutya Mukama kirungi

I. Ebibala by'okutya Mukama — Luny. 1-4

II. Ebivaamu ebisanyusa — Luny. 5-6

## EZERA

OMULAMWA: Okuddamu okuzimba Yeekaalu.

I. Okuzimbira wansi wa Zerubbabel — Esuula 1-6

*A. Okudda okwasoka okuva mubunyage — Esuula 1-2*

*B. Okuddamu okuzimba Yeekalu — Esuula 3-6*

II. Enkyuukakyuuka wansiwa Ezera — Esuula 7-10

*A. Okudda okwokubiri okuva mubunyage — Esuula 7:1-8:32*

*B. Enkyuukakyuuka "Okuddamu okuzimba abantu" — Esuula 8:33-10:44*

A. **OKUNFUNZA EBALUWA Z'ABATUME.** Ebaluwa z'abatume ezisinga obungi zigobelera entegeka ew'amakulu kubanga zaawandikibwa nga ebaluwa ezaabulijjo (okujako Abaebbulaniya ne 1Yokaana). Ng'osoma ebaluwa y'omutume, noonya **enyaanjula** y'ayo- okulamusa kuntandikwa (etera okuddibwaako okweebaza). Kino kiddibwaako **Ensonga y'okuwandiika ebaluwa eyo, Enjigiriza enkulu** n'**enkomekkereza.**

1. **Enyanjula.** Enyiriri ezisooka ez'esomo zibeera zaakwanjula nakulamusa. Kino kitera okuddibwaako akatundu "ak'okwebaza".

2. **Ensonga y'okuwandiika.** (Lwaaki ebaluwa eno ewandikiddwa?) Emirundi egisinga ojjakusanga mu nyiriri nga satu ensonga lwaaki ebaluwa eyo yawaandikibwa. Etera okubeera enyimpi ate era etera okuweebwa nga enyanjula yaakaggwa (okulamusa n'okweebaza). Noonya n'obwegendereza amakulu gano kubanga kyeekisumuluzo ky'ebaluwa eyo.

3. **Enjigiriza enkulu.** Ekinyusi kyebaluwa kisangibwa wano. Ojja kusanga endowooza ez'enjawulo oba amasomo ag'enjawulo nga gakolebwa munyiriri ez'enjawulo. Emirundi egimu ojja kusanga nti endowooza egyakubeera munyiriri ntono ate emirundi emirala endowooza emu etwaale esuula yonna (olumu etwaala esuula nyingi)-ng'etwaala enyiriri nyingi. Jjukira- enjawula y'esuula n'enyiriri mu baibuli tesaanidde kutwaalibwa ddala nti ntuufu mungeri "y'okumeyaamenyamu" endowooza. Noonya endowooza. Okugeza, mu baluwa emu oyinza okusanga nti enyiriri 5-10 zoogera ku kwaagala, enyiriri 11-16 zoogera ku kusala omusango, oba sanyu neebirala.

4. **Enkomekkereza.** Essomo litera okuggwa n'ebirowoozo ebikomekkereza. Emirundi egimu bikozesebwa nga enjatula z'omukisa mu makanisa.

# (EKY'OKULABIRAKO MUKUFUNZA EBALUWA Z'ABAMUTUME)

**EKITABO KYA TITO**

I. ENYANJULA  Suula 1:1-4  Pawulo awandikira Tito

*A. Suula 1:1-4  Okulamusa*
*B. (Tewali)  Okweebaza*

II. ENSONGA Y'OKUWANDIIKA
Suula 1:5  (Eri mungeri ebiri) Okutereza Obuweereza mu makanisa n'okulonda abakade.

III. ENJIGIRIZA ENKULU
Suula 1:6-3:14  Okulonda abakade n'okutereeza ekanisa.

*Endowooza esatu enkulu:*

*A. Suula 1:6-16  Ebisaanyizo by'abakade n'emirimu Gyaabwe*
*B. Suula 2:1-3:11  Emirimu gy'ekikulisitaayo mu Kanisa N'enjigiriza entuufu.*
*C. Suula 3:12-14  Okufaayo kwa kinoomu.*

IV. OKUKOMEKKEREZA
Suula 3:15

**II. OKUSENGEKA ENKALALA:** Bwooba nga omaze okufunza ekitundu, obeera otuuse w'okimenyeramenyera okusingawo nga okikolera enkalala. Enkola eno ey'okusengeka enkalala ekozesebwa okwekennenya ekyawandikibwa nga okozesa enkola y'OKWEKENENYA – ENZIVUNULA – ENKOZESA. Yita mubuli katundu k'ofunziza ng'ogenda lunyiriri ku lunyiriri – nga bwoowandiika ebigambo ebikulu, obutundu bwenyiriri, n'endowooza – okutuusa bw'onomalayo ekitundu.

**(Ekiddilira wamanga kyakulabirako ekiraga nga enkola eno bweekola)**

## ABAFIRIPI 1:1-6

| **OKWEEKENENYA**<br>**(Wandiika ebyaaliwo** mu kyawandikibwa; ebigambo n'endowooza enkulu.) | **ENZIVUUNULA**<br>**(Nyonyola** amakulu wano**)** | **ENKOZESA**<br>(**Kola enkozesa** ey'awamu n'eyakinoomu oba enkola mumbeera emu yoka. |
|---|---|---|
| **1. Endowooza enyiriri 1-2**<br>*Zino enyiriri z'ezanjula ekitabo.*<br><br>Olunyiriri 1 Pawulo ne Timoseewo.<br><br>Omuddu wa Yesu Kristo.<br><br>Eri abatukuvu mu Kristo Yesu. | Kumpi buli baluwa ya mutume erina enyanjula.<br><br>Pawulo ye muwandiisi weekitabo kino naye ayongerako erinya lya Timoseewo.<br><br>Pawulo ategeera nti mulamu okuweereza Yesu.<br><br>Pawulo awandiikira abakiriza. Omutukuvu ssi kibumbe naye yemuntu azaliddwa omulundi ogwokubiri<br><br>. | **Weetegereze:** Funa enkozesa nga olaga engeri gy'onooteeka ky'oyize munkola.<br>- **Ogenda kukolaki?**<br>- **On'okikola otya?**<br><br>Ffe\Nze njagala kubeera muweereza wa Yesu Kristo. Ntya?<br>1.Nga nfuna endowooza n'empisa y'omuddu.<br>2.Nga nsomesa mu Abaana abato.<br>3.Nga neewaayo okuyamba mu kanisa.<br><br>Ndi mutukuvu Kubanga nina Yesu muubulamu bwange. N'olweekyo nja kubeera mubulamu obutukuvu obweefananyiriza obwa Kristo. |
| Olunyiriri 2 Ekisa | Ebigambo ebikozesebwa | Nina ekisa n'emirembe |

| | | |
|---|---|---|
| N’emirembe<br><br><br><br><br><br><br><br>2. **Endowooza enyiriri 3-6**<br>*Zino nyiriri eziwunzika.* *<u>Z’eziwa ensonga lwaki ebaluwa yawandiikibwa.</u>* | okulamusa era byebiraga nti ebaluwa yawandiikbwa Pawulo .<br>Ekisa – okuganja okuva eri Katonda.<br>Emirembe – eddembe okuva mukutya n’okweelaliikilira mu mitima. | gya Katonda mubulamu bwange. Sisaanidde kubeera mu kutya. Ekisa Kye n’emirembe Gye byebikuuma obulamu bwange. |
| Olunyiriri 4 Okusaba n’esanyu | Pawulo alina essanyu lya nsusso ssi lwa mbeera mwaali naye olw’omulimu gwa Kristo mubulamu bwe. | Nsobola okubeera ne sanyu ssi nsonga mbeera ki mwempita kubanga Kristo akola mu bulamu bwange. |

 Eby'okukola #2

1. Soma ekitundu (Zabbuli 1) emirundi egiwerako.

2. Funza ekitundu ekyo nga okozesa engeri enyangu ey'okufunza.

3. Sengeka olukalala lwe' kitundu ekyo nga osinziira ku kukufunza kw'okoze.

# Zabbuli 1

1. Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi,
Newakubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi,
Newakubadde okutuula ku ntebe y'abanyooma.

2. Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa; Era mu mateeka ge mw'alowololeza emisana n'ekiro.

3. Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi, Ogubala emmere yaagwo mu ntuuko zaayo, Era amalagala gaagwo tegawotoka; Na buli ky'akola akiweebwako omukisa.

4. Ababi si bwe batyo; Naye bali ng'ebisusunku, empewo bye zifuumuula.

5. Ababi kyebaliva balema okuyimirira mu musango, Newakubadde abalina ebibi mu kkunngaaniro Ly'abatuukrivu.

6. Kubanga Mukama amanyi ekubo ly'abatuukirivu; Naye ekubo ly'ababi liribula.

# Ebaluwa y'omutume

Mubino eby'okukola, Soma ebaluwa y'omutume nga bw'okozesa engeri ey'okufunza n'ensengeka yenkalala. Osobola okukebera eby'okulabirako ebyaakuweereddwa awamu n'amasomo agaakuweereddwa emabegako ( olupapula 23-28).

## Eby'okukola # 3

1. Soma ekitundu (Ebbaluwa ya Yuda) emirundi egiwerako.

2. Funza ekitundu nga okozesa engeri ekozesebwa mu'kufunza ebaluwa z'abatume (Nga okozesa eky'okulabirako kiweereddwa ku mpapula emabegako. Olu. 27)
3. Sengeka ekitundu (nga bwe kikoleddwa ku mpapula 28-30)

# EBBALUWA YA YUDA

1. Yuda omuddu wa Yesu Kristo, era muganda wa Yakobo, eri abo abayitibwa, abaagalwa mu Katonda kitaffe, era abakuumirwa Yesu Kristo:

2. Okusaasira n'emirembe, n'okwagala byongerwengako gye muli.

3. Abaagalwa, bwe nnali nga nfuba okubawandiikira eby'obulokozi bwaffe fenna, nnawalirizibwa okubawandiikira okubabuulirira okuwakaniranga ennyo okukkiriza abatukuvu kwe baweebwa omulundi ogumu.

4. Kubanga waliwo abantu abayingira nga basensera abaawaandiikirwa edda omusango guno, abatatya Katonda, abakyusa ekisa kya Katonda waffe okuba obukaba, ne beegana Yesu kristo, ye Mwami ye Mukama waffe omu yekka.

5. Naye njagala okubajjukiza, newakubadde nga byonna mwabimanya omulundi gumu, nga Mukama, bwe yamala okulokola abantu mu nsi y'e Misiri, Oluvannyuma n'azikiriza abatakkiriza.

6. Ne bamalayika abataakuma bukulu bwabwe bo, naye nebaleka ekifo kyabwe bo bennyini, abakuumira mu njegere ez'ennaku zonna wansi w'ekizikiza olw'omusango ogw'oku lunaku olukulu.

7. Nga Sodomu ne Gomola n'ebibuga ebyaliraanawo, bwe byayendera ddala okwenkana nabo nebikyama okugobereranga omubiri omulala, byateekebwawo okuba ekyokulabirako, nga bibonerezebwa n'omusango ogw'omuliro ogutaggwaawo.

8. Naye era benkana nabo mu kulootaloota kwabwe nga basiiga omubiri empitambi era bagaana obukulu, era bavuma ab'ekitiibwa.

9. Naye Mikayiri malayika omukulu, bwe yayomba ne Setaani n'ayogera naye olw'omubiri gwa Musa, teyayanngangakumuleetako musango gwa kuvuma, naye yagamba nti Mukama akunenye.

10. Naye abo byebatamanya byonna babivuma; bye bamanya mu buzaalirwana ng'ensolo ezitalina magezi - mu ebyo bazikirira.

*Byokola#3 byeyongedeyo*
*Engeri Zabaibuli*

11. Zibasanze! Kubanga batambulira mu kkubo lya Kayini, ne baddukanira mu kukyama kwa Balamu olw'empeera, ne babulira mu kuwakana kwa Koola.

12. Bano ge mayinja agatalabika mu mbaga zamwe ez'okwagalana bwe balya nammwe, abasumba abeerunda bokka awatali kutya; ebire ebitaliimu mazzi nga bitwalibwa empewo; emiti egiwatula, egitalina bibala, egyafa awabiri, egyakuulibwa n'emmizi;

13. amayengo ag'omu nnyanja ageefuukula, agabimba ejjovu ze nsonyi zaabwe bo; emmunyeenye ezikyama eziterekeddwa ekizikiza ekikutte ennyo emirembe n'emirembe.

14. Era abo yabalagulako Enoki, ow;omusanvu okuva ku Adamu, nga ayogera nti laba, Mukama yajja n'abatukuvu be kakumi,

15. Okuleeta omusango ku bonna, n'okusinza omusango bonna abatatya Katonda olw'ebikolwa byabwe byonna bye bakoledde mu butatya Katonda, n'olwe bigambo byabwe byonna ebikakanyavu aboononyi abatatya Katonda bye bamwogeddeko.

16. Abo be bemulugunya, be banyiiga, abatambula ng'okwegomba kwabwe bwe kuli (n'akamwa kaabwe koogera ebigambo ebiyinga okukulumbala),nga bassaamu abantu ekitibwa olw'amagoba.

17. Naye mmwe, abaagalwa, mu jjukirenga ebigambo ebyayogerwa edda abatume ba Mukama waffe Yesu Kristo;

18. bwe baagamba nti mu biro eby'oluvannyuma walibaawo abasekerezi abatambula ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli obutatya Katonda.

19. Abo be baleeta okwawula ab'omubiri abatalina Mwoyo.

20. Naye mmwe abaagalwa, bwe muzimba kukkiriza kwammwe okutukuvu ennyo, nga musaba mu Mwoyo Omutukuvu,

21. mwekuumenga mu kwagala kwa Katonda, ga mulindirira okusaasira kwa Mukama waffe Yesu Kristo ol'wobulamu obutagwaawo.

*Byokola#3 byeyongedeyo*
*Engeri Zabaibuli*

22. Era abalala mubasaasirenga ababuusabuusa;
23. era abalala mu balokole, nga mubakwakkula okubaggya mu muliro; era abalala mubasaasirenga mu kutya; nga mukyawa ekyambalo omubiri kye yasiiga amabala.

24. Naye oyo ayinza okubakuuma obuteesittala, n'okubayimiriza mu maasa g'ekitibwa kye nga temuliiko bulema mu kujaguza,

25. Katonda omu yekka Omulokozi waffe, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe, aweebwenga ekitiibwa, obukulu, amaanyi n'obuyinza, edda n'edda ng'emirembe n'emirembe tegginabaawo, kaakano era n'emirembe egitaliggwaawo. Amiina.

# EBY'OKUKOLA #4

1. Soma ekitundu (Zabbuli 139) emirundi egiwerako.

2. Funza ekitundu ng' okozesa engeri enyangu ey'okufunza.
3. Sengenka olukalala lw'ekitundu ekyo.

4. Saalawo enfaanaganya ekozesedwa. (Ekyawandiikibwa kiyinza okubeera n'engeri ezissuka mw'emu ez'okweefaananyirizaamu. Okufuna okunyonyola okusingawo, laba olupapula oluddako 37.)

## EBITONTOME BY' ABEBULANIYA

I. **EBIGOBELERWA:** Kozesa enfaanaganya y'empandiika ya Abebulaniya ey'ebitontome okufuna okutegeera okweebuziba okwa amakulu agali mu kyawandiikibwa.

A. Empandiika y'ebitontome ejjudde olulimi olukozesebwa okuwa ekifaananyi ky'ekyo ekyoogerwaako, n'olwensonga eyo, tulina okuyiga okutegeera amakulu g'olulimi olutawa bigambo munkozesa yaabyo eyabulijjo oba ewa "ekifaananyi".

B. Ekyaawula empandiika y'ebitontome ey'Abebulaniya y'enzikiriziganya mundowooza (okwefaananyiriza) wakati w'olunyiriri olumu n'olunyiriri oluddako, oba wakati w'akatundu akamu n'akatundu akaddako (kikwaata ku: ekitundu ky'okufunza)

C. Empandiika y'ebitontome eya Abebulaniya ekozesa nyo okuddingana. Kino kiyamba nyo mukutegeera amakulu gaakyo.

*Byokola#4 byeyongedeyo*
*Engeri Zabaibuli*

## II. WALIWO ENGERI SATU EZIFAANAGANYA ENDOWOOZA MU MPANDIIKA Y'EBITONTOME EY'ABEBULANIYA.

**A. ENFAANAGANYA Y'EBIGAMBO EBIWA AMAKULU GE GAMU-** Ekirowoozo kiyinza okuweebwa emirundi ebiri oba esatu mungeri efaanagana.

EKY'OKULABIRAKO: "Ada ne Zira, muwulire eddoboozi lyange; mwe bakyaala ba Lameka muwulirize ebigambo byange!" Lubereberye 4:23

"Naaliza ddala okuva mu bibi byange, era onnaalize ddala okuva mu byoonoono byange." Zabbuli 51:2

**B. ENFAANAGANYA Y'ENDOWOOZA EGATIBWAKO EBIGAMBO –** Omuwandiisi ayongereza ku ndowooza esooseewo.

EKY'OKULABIRAKO: Zabbuli 1:1

Buli katundu k'olunyiriri kongerako ekirowooza ekiggya. Okwoogera n'ababi liyinza okubeera eddaala erisooka: Okuyimirira n'abonoonyi kisingako ate mububi; naye ate okutuula n'abanyoomi kilabika nga kyekisiingayo obubi.

**C. ENFAANAGANYA Y'ENDOWOOZA EKOZESA EBIGAMBO EBIWA AMAKULU AGAAWUKANA –** Omuwandiisi ayawula endowooza emu ku ndala.

EKY'OKULABIRAKO: "Olulimi lw'omugezi lwaagaza okumanya; Naye akamwa k'omusirusiru koogera byabusirusiru." Engero 15:2

Akatundu akookubiri kawa endowooza eyawukana ku ndowooza y'akatundu akasoooka.

# ZABBULI 139

1. Ai Mukama, wannoonya nze, wammanya.

2. Omanyi bwe ntuula, era bwe ngolokoka, otegeera okulowooza kwange nga kukyaali wala.

3. Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange, era omanyi amagenda gange gonna.

4. Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange, Laba ai Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala.

5. Onzigizizza mu maaso ne nnyuma, era ontaddeko omukono gwo.

6. Okumanya okulinnganga okwo kwa kitalo, kunnema;

7. Naagenda wa okuva eri omwoyo gwo? Oba naddukira wa amaaso go?

8. Bwe nnaalinnya mu ggulu nga, nga gy'oli: Bwe nnaayala obuliri bwange mu magombe, laba, nga gy'oli.

9. Bwe nnaatola ebiwaawaatiro eby'enkya, Nentuula mu bifo eby'ennyanja ebiri ewala ennyo;

10. Newakubadde eyo omukono gwo gunannunngamya, n'omukono gwo ogwa ddyo gunankwata.

11. bwe ndyogera nti enzikiza teereme kumbikkako, ogunneetoolodde gunaaba ekiro;

12. Newakubadde enzikiza teyekise eri ggwe, Naye ekiro kyaka n'omusana: Kubanga enzikiza n'omusana bifaanaana w'oli.

13. Kubanga ggwe olina omwoyo gwange: Wambikako mu lubuto lwa mmange.

*Byokola#4 byeyongedeyo*
*Engeri Zabaibuli*

14. Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo: Emirimu Gyo gya kitalo; n'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.

15. Tewakisibwa mubiri gwange, bwe nakolerwa mu kyama, bwe nnatondebwa n'amagezi amangi mu bya wansi eby'ensi.

16. Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatuukirira, ne mukitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa. Ebyabumbiwanga buli lunaku, bwe byaali nga tebinnabaawo n'ekimu.

17. Era n'ebirowoozo byo ngabya muwendo mungi gye ndi, ai Katonda! Bwe bigatibwa awamu, nga bingi!

18. Bwe mba mbibaze, bisinga omusenyu omuwendo: Bwe nzuukuka, nga nkyali wamu naawe.

19. Tolirema kutta babi, ai Katonda: Kale muve gye ndi, mmwe abasajja abayaayaanira omusaayi.

20. Kubanga bakwoogerako bubi, n'abalabe bo balayira bweerere erinnya lyo.

21. Sibakyawa abo, ai Mukama, abakukyawa ggwe? Sinyiigira abo abakugolokokerako?

22. Mbakyawa okukyawa okutuukiridde mbayita balabe bange.

23. Onkebere, ai Katonda, omanye omutima gwange: Onkeme omanye ebirowoozo byange:

24. Olabe ng'ekkubo lyonna ery'obubi liri mu nze, era onnunngamyenga mu kkubo eritakoma.

# EBY'OKUKOLA #5

1. Soma (Makko 6:45-52) emirundi egiwerako.

2. Sengeka ebyo byoosomye.

3. Gezaako okubuuza ebibuuzo bingi ddala eby'okwekenenya, enzivuunula, n'enkozesa, olyoke oddeyo emabega olabe bibuuzoki ebyandisinze okuyamba abo bonna abenyigidde mussomo okuyita mu byawandikibwa ebyo mungeri enungi. Kikulu nyo okubuuza ebibuuzo ebiwa enkola enungi ngamuyita mubyawandikibwa.

4. Wandiika ebibuuzo byo ng'obitegese mungeri gy'onoobibuuza. Kumabali ga buli kibuuzo, saawo **Kw** wekibeera nga kibuuzo kya kwekeneenya, EN nga kya Nzivuunula oba **Nk** nga kya nkozesa.

## OKUKOLA EBIBUUZO EBILUNGAMIZIDDWA (EBYOKWEZULIRA)

Bwoba nga oyiga okuwandiika ebibuuzo ebyokwezulira, obeera oyiga eky'obukugu. Nga mukintu kyona ky'okola, obukugubwo mu kukola ebibuuzo bujja kweyongerako nga bweweyongera okwegezaamu. Eddaala elisooka eddene kwe kukola essomo erigenda ebuziba mu kwekenenya ekyawandiikibwa. Nga bakozesa ebibuuzo byo, abo abenyigidde mu musomo bajja kuzuula ekyo nawe kyewazuula. Essomo elyokungulu lijja kuvaamu bibuuzo n'enkubaganya y'ebirowoozo ebyokungulu; Okusoma okugenda ebuziba kujja kuvaamu ebibuuzo ebileeta ekibiina kyona okwenyigiramu n'okuzuula amazima gekyawandiikibwa ebinaabaleetera okujja eri Katonda ne mu makubo gge. Essomo okuvaamu bwelityo, kiraga nti tekubadde kwoonoona budde yadde manyi.

I. Soma nga weetadde mu bilowoozo okusooka: "Katonda ayagala kunsomesaaki?" Zaako abalala mubilowoozo byo: "Tuyinza kuganyulwa tutya mubulamu bwafe bwetusomera awamu?"

II. Bwomala okusoma, tunuulira olukalala lwo nga bwossa emisittale ku nsonga enkulu zooyagala okubeeramu.

III. Okukola ebibuuzo.

Ebibuuzobyo birina okutwaala ekibiina kyona eri endowooza enkulu ey'esomo balyooke bazuule ensonga enkulu era bazikozese mu bulamu bwaabwe.Kikulu nyo okujjukira ekika ky'ekibiina ky'okolagana nakyo: abakiriza abajja, abakuluko, abato, abakadde, naabalala. Ekibiina tekigya kweetaaga kuyita mu kweekenenya okwebuziba nga gwe; ebibuuzobyo bijja kubakolera enteebereza kubintu ebimu nga entegeka, neebilala byewazuula nga weetegekera esomo.

A. Tandika n'ebibuuzo ebikola "okubuuliriza" ebinaabayamba okumanya esomo kyelikwaatako. (Ani alimu? Bali wa? Bakolaki?, neebirala)

B. Ng'okozesa ebibuuzobyo, bayise mukatundu k'ekyawandiikibwa okuva kuntandikwa okutuuka ku nkomelero. Oyinza okwaagala okubalungamya okusoma katundu ku katundu nga bwebeyongerayo, baleetere okulaba enyunga wakati w'ebitundutundu byekyawandiikibwa.

C. Ojja kwaagala okubuuza: **Ebibuuzo eby'okwekeneenya (ebikwata ku biri mu kyawandiikibwa)**

**Ebibuuzo eby'enzivuunula (kyebitegeza)**

**Ebibuuzo eby'enkozesa (eby'okukola)**

1. **Ebibuuuzo eby'okwekeneenya**

- Funa ekibiina kyekenenye ekiriwo.
- Ng'okozesa engeri ez'enjawulo balungamye okulaba **ani, kiki, ddi, wa.**
- Bayinza okunyonyola abantu abamu bwebafaanana oba okunyonyola ebintu ebimu ebyaaliwo.
- Bayambe "okwessa" mubyaaliwo, nga bagezaako okubeera nga abaaliwo nga ebyafaayo bibeerawo oba emboozi bweyaliwo, oba okwessa mukifo ky'abantu mu kanisa ey'ekyaasa ekyaasooka mu Efeeso, nga bafunye ebaluwa ya Pawulo omutume.
- Lungamya ekibiina okulaba ekyo kyewazuula: "njawuloki eri wakati wa…?"

2. **Ebibuuzo eby'enzivuunula**

- Funa ekibiina okweetegereza n'okubuuza "lwaaki?", basobole okuzuula amazima amakulu.
- Bajja kweetaaga okunyonyola ebigamba ebimu n'enyiliri ezimu.
- Bayambe okulaba ensonga eziri emabega w'entegeka . (Buuza ebibuuzo nga osinziira ku byewakola mu musittale gw'okunyonyola/okuvuunula mulukalalalwo. Eno ngeri ey'okubalungamya okulaba enyunga y'ebitundu by'ekyawandiikibwa.)
- Bwebazuula amazima amakulu, ekibuuzokyo kilina okubayamba okugalowoowako.

3. **Ebibuuzo eby'enkozesa**

- Bino bileetera ekibiina okulowooza ko n'okutegekera okukyuusa okusaanidde okukolebwa mubulamu bwaabwe obwa kinoomu – endowooza, enkolagana n'ebikolwa.
- Ebibuuzo by'okussa munkola bilina okuba nga bikulukuta mu ngeri eyabulijjo okuva ku nyinyonyola y'ensonga enkulu, era bilina okulabika oluvanyuma lw'okunyonyola ensonga enkulu. Jukira naye nti, kisingako nga olina ebibuuzo eby'enkozesa bitono naye nga bilungi, nga obimansiddemansidde mu somo okusinga n'okubeera n'ebingi enyo.

# MAKKO 6:45-52

45. Amangu ago n'abawaliriza abayigirizwa be okusaabala mu lyato, basookeyo emitala w'eri e Besusayida, ye amale okusiibula ebibiina.

46. Awo bwe yamala okubasiibula, n'agenda ku lusozi okusaba.

47. Awo bwe bwali buwungedde, eryato lyali mu nnyanja mu buziba, ye yali yekka ku lukalu.

48. Awo bwe yalaba nga bategana okuvuga, kubanga omuyaga gwali gu bafulumye mu maaso, mu kisisimuko eky'okuna eky'ekiro n'ajja gye baali ng'atambulira ku nnyanja; yali ng'agenda kubayisa:

49. Naye bo, bwe baamulaba nga atambulira ku nnyanja, ne balowooza nti kifaananyi (muzimu), ne bakaaba;

50. kubanga bonna baamulaba, ne beeraliikilira. Naye amangu ago n'ayogera nabo, n'abagamba nti mugume: nze nzuuno, temutya.

51. N'alinya mu lyato mwe baali, omuyaga ne gufa: ne bawuniikirira nnyo munda yabwe;

52. kubanga eby'emigaati tebaabitegeera, naye emitima gyabwe gyaali mikakanyavu.

# Okukola Kw'ekifaanayi Ky'ebibuuzo Ebyokwezulira.

Ng'okozesa olukalala lwewakoze edda, kola ebibuuzo okuva mu buli musittale. Bino "by'ebyookuddamu" by'ebibuuzobyo. Mungeri endala, ensonga eziri mu misittale zirina okufaanana n'eziri mu bibuuzo by'owandiise.

| **"Kw"Kweekeneenya** | **"En"Enzivunula** | **"Nk"Nkozesa** |
|---|---|---|
| Endowooza #1-<br>Luny 1-Ekizuuliddwa<br>-Ekizuuliddwa<br>-Ekizuuliddwa<br>Luny 2-Ekizuuliddwa<br>-Ekizuuliddwa<br><br>Endowooza #2-<br>Luny 3-Ekizuuliddwa<br>N'ebirala. | Enzivuunula kw'ebizuuliddwa mukweekenenya wano.<br>-Enzivuunula<br>-Enziivuunula | Eby'okukola ebukwaata ku nkozesa wano.<br>- Nina kukolaki?<br>- Nkikolantya? (wa eby'okulabirako) |

**Kola ebibuuzo eby'okwekeneenya okuva mumusittale gwewataddeko "Kw", ebibuuzo eby'enzivuunula okuva mumusittale ogwa "En", n'ebibuuzo eby'enkozesa okuva mumusittale gwa "Nk"**

(Ku lupapula olw'enjawulo)

**Ebiyamba mu kukola ebibuuzo**:
Wandiika ebibuuzobyo kimu ku Kimu (1, 2, 3)
Bibuze nga bivira dala munkalala Nemukatabo.

Ebibuzo birina kuba byangu era Nga bitegerekeka,ng'abantu biba-Zayo mukitundu okufuna Ekyokudamu.

Ebibuzo birina okuzala okubaganya Ebirowozo;nga biretera okutegera Ekitundu obulungi.

Ebibuzo bitekedwa ogoberegana

Ebibuzo birina okudibwamu Ekitundu (nganawe osobola Okudamu ebibuzo byo.)
Buli kibuzo kirina okuba "KW" "EN" oba "NK" (laba musomo elyokutano)

**Ebibuuzo (okuva mu lukalala lw'ekyawaandiikibwa)**

Luny #1 Endowooza esooka ey'okusengeka no kufunza

| | |
|---|---|
| **Kw** | 1. Ekibuuzo eky'okweekeneenya (Ani alimu? Yali akolaki? N'ebirala) |
| **Kw** | 2. Ekibuuzo eky'okweekeneenya (Baali wa?) |
| **Kw** | 3. Ekibuuzo eky'okubuuliriza (Ki ekyaatuukawo?) |

(Ng'obuuziza ekibuuzo ebiwerako eby'okweekeneenya, buuzayo ekibuuzo kimu oba bibiri eby'okunyonyola )

| | |
|---|---|
| **En** | 4. Ekibuuzo eky;okunyonyola (Lwaaki Yesu yagamba…?) |
| **En** | 5. Ekibuuzo eky'okunyonyola (Pawulo yali ategeezaki bweyagamba…?) |

(Ng'omaze okubuuzaayo ebibuuzo eby'okweekeneenya n'ebyokuvuunula kilungi okubuuza ekibuuzo kimu oba bibiri eby'enkozesa. Ebibuuzo bino birina kuva mubibuuzo ebyaasoose)

| | |
|---|---|
| **Nk** | 6. Ekibuuzo eky'enkozesa (Eky'okuddamu kilina kubeera eky'okukola oba eby'okukola. Nyiza kukola ntya okubeera nga Yesu? ) |
| **Nk** | 7.Ekibuuzo eky'enkozesa (Nyinza kutwaala daalaki?) |

(Weeyongere okukola okuva mu lukalalalwo nga bwooyita mu kyawandiikibwa lunyiriri ku lunyiriri.)

# Eby'okukola #6

1. Soma ekitundu (Makko 4:1-20) emirundi egiwerako.

2. Funza ekitundu ekyo nga okozesa engeri enyangu ey'okufunza.
3. Noonya omulamwa omukulu ogw'olugero olwo.

4. Kola olukalala(okusengeka) nga okozesa okufunza kwe wakoze. Wegendereze okunyonyola amakulu go lugero nga okozesa enyinyonyola y'olugero olwo (bwe beera nga eweereddwa).

5. Weekolere ebibuuzo byo eby'okwekeneenya, okunyoyola era n'eby'enkozesa.

# Engero

Olugero (nga Yesu ze yakozesanga ng'ayigiriza) lubeera lumpi nga lukozesa eky'okulabirako ekya buliwo oba ebintu ebya bulijjo okulaga amazima ag'ebyomwoyo. Yesu yateranga nnyo okukozesa engero nga ayigiriza n'olwekyo, kitugwaanidde ffe okutegeera empandiika ey'engeri eno. Yesu bwe yayigirizanga nga akozesa engero waabeerangawo ensonga. Yayagalanga okukweeka amazima okuva eri abantu abaali tebafaayo, ate era mukiseera kye kimu okwanguyiza abo abaali bassizaayo omwoyo.

Manya nti wadde ebyaaliwo mu byafaayo biyinza okukozesebwa nga eby'okulabirako, olugero ngeri yakuyigiriza ey'enjjawulo ekozesebwa okuyigiriza n'okulaga amazima ag'enjjawulo. Newakubadde nga mu kunyonyola ekigambo olugero tekitegeeza obuwandiike bw'ebyafaayo, olugero luteekwa okubeera olutuufu eri obulamu obwa bulijjo.

# WALIWO EBIGOBERERWA BINA (4) EBYETAAGIBWA OKUSOBOLA OKUTEGEERA ENGERO:

1. **Tandika kukinyusi ekisokerwako**

a) kiki ekyaletera olugero olwo (Lukka 15:I-2)
b) Kyakunyonyolaki ekili mumakulu golugero? (Lukka 15:7 ne 10, Matayo 24:44,25:13).

2. **Zzula ensonga enkulu esimbidwako essira**:

_Tunulira ekinyusi kuntandikwa ne kunkomerero yolugero.
a) Lukka 15:4 endiga emu eyabula.
b)Lukka 15: 8-10 enusu eyabula

3. **Zzula ekyomunda ekitetagisa nyo**:
_Ekyomunda ekyali tekigenderedwa kusomesa mazima.

Lukka 15:4 Endiga 99 ezitabula
Lukka 15:8 Enusu 9 ezitabula

**4. Zzula ekyomunda ekyetagisa**:

Ebyo ebilubirirwa okusomesa amazima bye biwagira omutwe omukulu oguli musomo( olugero lwomwana eyazawa-Yali abuze naye kati alabise).

## MAKKO 4: 1-20

1) Natandika okuyigiriza kulubalama lwe nyanja. Era ekibina ekinene nekimukunganirako era natula mulyato; awo ekibina nekimuwuliriza nakiri kulukalu.

2) Nabayigiriza ebintu bingi mungero, era nga ayogera jebali mukusomesa.

3) "Muwulire! Laba, omusizi yafuluma okusiga;

4)" Awo olwatuuka bweyali nga'siga,ezimu nezigwa kumabali ge'kkubo,era ebinyonyi nebija nebizilya.

5) " Endara nezigwa kulwazi awatali ttaka gwanvu; amangu ago nezimera, kubanga ettaka teryali gwanvu.

6) " Awo bwegwayaka, omusana neguzokya nga zakavayo; kubanga tezalina mirandira miwanvu, nezikala

7) "Endala nezigwa awali amagwa, amagwa negaloka negazizisa,nezitabala bibala
.

8)"Endala nezigwa muttaka eddungi , nezibala ebibala nebikula nebyongera; nezizala okutuka amakumi asatu,era okutuka enkaga, era okutuusa ekikumi"
.

9) Na'gamba nti alina amatu ago'kuwulira , awulire".

10) Awo bweyali yeka, Nabayigirizwabe era ekkumi nababiri, nebatanula okumubuza kubikwatagana nengero ezo
.

11) Nabagamba nti," mwe mwawebwa ekyama kyobwakabaka bwakatonda; naye bali abebweru byona bibela mungero.

12) ' Mungeri nga eyo BWEBALABALABYE,NEBATATEGEREZA ERA BWEBAWULIRA BAWULIRE, NEBATATEEGERA; MPOZI BALEME OKUKYUKA NATE,OKUSONYIYIBWA".

13) Na'babuza nti temutegera lugero luno? Kale mulitegera mutya engero zonna?

14)"Omusizi asiga kigambo.

15) "Bano be bo'kumabali ge'kkubo, ekigambo wekisigibwa; awo bwebawulira, amangu ago Sitaani najja na'ggyamu ekigambo ekyasigibwa mu bo.

16) " Nebano bwebatyo be bali bebali abasigibwa awali enjazi, abo, bwebawulira ekigambo, amangu ago bakikkiriza ne'sanyu

.

17) "Nebataba na mmizi mu bo, naye bamala ekisera kitono; awo bwe wababawo okulaba ennaku oba okuyiganyizibwa olwekigambo,amangu ago beesittala.

18) "Na' balala bebali abasigibwa awali amaggwa; abo, bwebawulira ekigambo,

19)" Awo emitawana gye'nsi no'bulimba bwo'bugagga , no'kwegomba kebilala byonna bwebiyingira bizisa ekigambo, ne kitabala.

20) "Na'bo bebali abasigibwa awali ettaka edungi; abawulira ekigambo, abakikkiriza, ababala ebibbala amakumi assatu, ne'nkaaga, ne'kikumi.

# *Ebyokola #7*

1. Soma ekitundu emilund egyiwerako (issaya 1:1-31).

2. Funza ebyo byoso mye (nga okozesa engeri enungamu).

3. Yawula obunnbbi obwenjawulo mwebyo byotade wansi oba byozzude.

4. Zzula obunnabbi kyebwali bwogerako ekikulu.

5. Sengeka ekitundu nga okozesa enfunza gyo koze..

6. Kkola omutwe gwesomo gwonokozesa okunyonyola ekkitundu kyosomye. Twala kyewavumbudde ekyasose okkikuze lunyiliri kulunyiliri.Era kwata kyewasose okuvumbula , otandike okunyonyola enyiriri ezogera ku nsonga eyo. Oyinza okwagala okunyonyola ebigambo ebikulu nenjogera eri mukitundu ekyo gyewetegereza,nenzivunula era ne'nkozesa. Kati oyinza okweyongerayo na'makulu gekittundu oggakuze. Gezzako okulowoza kubyokulabirako ne kubugero, onyonyolere ddala bulungi ekitundu

# *Obunnabbi*

**Obunnabbi busangibwa mubyawandikibwa okuva " mulubereberyr okutuka Mukkubikulirwa**

- kumugate23,210 mundagano enkadde, 6641(28 ku 100) bunnabbi obulaga ebyomumaso.
- Kumugatte 7,914 mundagano Empya, 1,711 (21 ku 100) bunnabbi obulaga ebyomumaso.

- Enyiriri31,124 mu Baibuli yona, 8,352 (kyekiringa 27 ku 100) bunnabbi kwebyo ebitanabawo.



Ekyamazima, ebyawandikibwa bijudde byakulanga byamumaso, nekiretera ekinyusi Katonda kye yateka mu bunnabbi.

1.Eddala erisokerwako eri abasoma obunnabbi kwekuzula ekika kyobunnabbi kyaba asoma.

Obunnabbi buli mungeri biri.
A. **Obulaga ekyomumaso**
B. **Obulaga kubulamu, na'mazima munjigiriza mukisera ekyo**.

Obunnabbi obumu byombi bibugatta. Mu "Zekkaliya 1: 1-15, obunnabbi bwakisera naye enyiri eziddako, ziragga bya mumaso (1:16-21). Zekkaliya 7 , asingamu bunnabi bwakisera naye ngo'maliriza ,ebiriwo bikwatagana nabyamumaso. **Obunnabbi obusinga bulaga kyamumaso**.

11. Eno yenono ngo'kolagana nobunnabbi obukwata kubyomumaso

A. **OLULIMI OLWANGU**. Twala ekitundu nga bwekisomedwa na'makulu buli muntu yena gayinza okulaba, okujjako nga waliwo ensonga endala egenda mubuziba. **Ebilanga ekyomumaso**, birina okutwalibwa nga bwebiri okujjako nga bikozeseza olulimi olukweke.Gezangako okutunulira amakulu amangu agalabikako-**ekyo kyekyogera kyekyitegeza**.

**B.Olulimi olwekwese mubisikirizze.**

Yiga okuzula ekitundu ekyekusifu, naye nga ogoberera amatteka agabulijo mululimi nga oyawula ebyefananyiriza ne'bitefananyiriza.

1.Empandika ezimu tuzitwala nga ziri mululimi lukweke.Bwetutakola bwetutyo kiba kibii. Ekyokulabirako, Yoweri 2:31- Omwezi gufuse omusayi; Issaya 11:1- Etabi likuze okuva mumuntu; Zakkaliya 4:7- olusozi luvuddewo.

2.Enjogera eyo tugiyita "kwogerera mubifananyi(oba olulimi olukweke)" nga bwetulaba mu Danyeri: Empologoma nge'rina ebiwawatilo, Engo nge'lina ebiwawatilo binna, ne'birala.

3.Ekigendererwa kwekumanya ebifananyi bino kiiki kyebitulaga, kubanga ebisikirizze biba birina kye binatukiriza mumaso, mubyafayo.

Ekyokulabilako: Danyeri 7:17- Ensolo enya zikikirira ba Kabaaka abana abaliyimuka kunsi.
Yokaana 2:19- Kuristo yayogere kuyekalu,"mumenye yekalu eno era munaku sattu ndigizimba" Kinyonyola nti , Kuristo yali ayogero ku yekalu yamubirigwe.
Ebyokola#7 byeyongedeyo
Engeri Zabaibuli

**C.EKIGAMBO KYOKULABULA**:

Okuvunula ekiika kyobunnabbi mubitundu ebimu si kyangu.

Ekyokulabirako: Amosi 9:13-15 Ekitundu kino tulowoza nti kiri mungeri yakifananyi. Naye tulina okukiteka mubwongo nti okulanga tulina kutegera nga bwekuli. Newankubade nga obunnbbi obusinga buli mungeri nekusifu naye tulina okuyiga okwawula mubuliwo nempandika etali nungamu.

**D**.Obunnabbi bulimu ebyayitta, ebiriwo, nebigenda okujja. Ebisera ebisinga obunnabbi tebugoberegana.Ekitundu kiyinza okubuka nekyogera kukintu ekirara oba nekiranga ekisera ate nekigenda kukisera ekirara.

# ISAAYA 1:1-31

1). Okwolesebwa kwa Isaaya omwa wa Amozi, kweyalaba ku Yuda ne Yerusaremi, mumirembegya uzziya,Yosamu ,Akazi, ne Keezeekiya, Bassekabaka ba Yuda.

2) Wulira, gwe Eggulu ,era tega okutu ,gwe Ensi, kubanga Mukama ayogedde: nayonsa ne ndera abaana, ne banjemera.

3) Ente emanya nnyini yo , ne'ndogoyi emanya ekisibo kya mukama waayo: naye Israyiri temanyi, abantu bange tebaloowoza.

4) Woowe eggwanga erina ebibi, abantu abazitoweredwa no'butali butukirivu, ezzade eryabakola obubi, abaana abonona: balese mukama omutukuvu wa Israeri , basenguse baze ennyuma.

5) Ekibagaza ki okukubibwa nate,no'kweyongera nemweyongera okujema? Omutwe gwona gulwade, no'mutima gwona guzirise.

6) Okuva munda we'kigere okutuka kumutwe temuli bulamu; wabula ebiwundu, no'kuzimba na'mabwa amavundu: tebibunizibwanga so tebisibibwanga so tebitekebwangamu amafuta.

Ebyokola#7 byeyongedeyo
Engeri Zabaibuli

7) Ensi yamwe ezise; ebibuga byamwe byokedwa omuliro; ensi yamwe, aba'mawanga bagirira mumaso gamwe, era ezise, kubanga aba'mawanga bagisude.

8) Era omuwala wa Sayuuni asigadde nge'nsisira eri mulusuku lwemizabibbu nge'kikumira ekiri munimiro yemyungu,nge'kibuga ekizingizibwa.

9) Mukama owe'gyye singa teyatulekerawo kitundu ekyafikawo ekitono ennyo, twandibaddenga Sodomu, twandifananyenga Ggomola.

10) Muwulire ekigambo kya mukama, mmwe abafuga Sodomu; mutege okutu eri amatteka ga Katonda waffe, mmwe abantu abe' Ggomola.

11) Zigasa ki ssaddaka zammwe enkulu zemunsalira, bw'ayogera Mukama: nzikuse endiga enume enjokye eziweebwayo n'amasavu g'ensolo ensibe; so sisanyukira musayi gwa nte, newankubade ogw'abaana b'endiga newankubade ogw'embuzi emandwa.

12) Bwemujja okulabika mumaso gange,ani eyabasalira kino, okulinyirira empya zange?

13) Temuletanga nate bitone ebitaliimu; obubane bwamuzizo gyedi; emyezi egibonese ne ssabbiiti,okuyita amakunggaaniro,-sisobola butali butukirivu na kkukunggaana kwa ddiini

14) Emyezi gyamwe egibonese n'embagga zammwe eziragiddwa obulamu bwange bubikyawa: kwekutegana gyendi; nkoye okubigumiikiriza.

15) Era bwe munayanjala engalo zamwe, naabakweka amaaso gange: wewaawo, bwe munasabanga ebigambo ebingi, siiwulirenga: emikono gya mmwe gyijudde omusayi.

16) Munaabe, mwerongose; muggyengawo obubi bwebikolwa byamwe bive mumaso gange; mulekenga okukola obubi:

17) Muyige okulongoka obulungi; mugoberere eby'ensonga; mudduukirirenga ajoogebwa, musalenga omusango gw'atalina kitawe, muwolerezenga namwandu.

18) Mujjeno tuteese fembi, bw'ayogera mukama: ebibi byamwe ne bwe bibang'olugoye olumyufu, binabaa byeru ng'omuzira; ne bwebitwakala ng'ebendera, binaba ng'ebyoya by'endiga.

Ebyokola#7 byeyongedeyo
Engeri Zabaibuli

19) Bwemunagonda nemuwulira, munalyanga ebiringi eby'ensi:

20) Naye bwe munaagaananga nemujemanga, munaalibwanga n'ekitala: kubanga akamwa kamukama ke kakyogedde.

21) Ekibuga ekyesigwa nga kifuuse omwenzi! Oyo eyajulanga emisango egy'ensonga! Obutukiirivu bwatulanga muye, naye kaakano bassi.

22) Effeza yo efuse masengere, omwenge gwo gutabudwamu mazzi.

23) Abalangila bo bajemu, mikwano gya babbi; bulimuntu yegomba enguzi, era ogoberera empera: tebasala musango gw'atalina kitawe, so nensonga ya nnamwanddu tetuuka gye bali.

24) Kyava ayogera mukama, mukama ow'egye, owaamaanyi owa Israeri, nti A, ndyejako abalabe bange, era ndiwalana egwanga kwabo abankyawa:

25) Era ndikutekako omukono gwange, ne nnongooseza ddala amasengere go gonna, nenzijawo essasi lyo lyona:

26) Era ndikomyawo abalamuzi bo bona ng'olubereberye, n'abatesa abigambo byo nga mukusooka:oluvanyuma oliyitibwa ekibuga ekyobuutukirivu, ekibuga ekyesigwa.

27) Sayuuni alinunulibwa n'omusango, n'abakyufu be n'obutuukirivu.

28) Naye okuzikiriza kw'aboonoonyi n'abalina ebibi kulibeera wamu, n'abo abaleka mukama balimalibwawo.

29) Kubanga ensonyi ziri bakwata olw'emivule gye mwegomba, era muliswazibwa olw'ensuku ze mweroboza.

30) Kubanga muliba ng' omuvule oguwotoka amalagala,era ng'olusuku omutali mazzi.

31) Era owa'manyi alibang'enfuzi, n'omulimu gwe ng'olusasi olw'omuliro; era byombi biriggiira wamu, so tewaliba abizikiza.

Ebyokola#7 byeyongedeyo
Engeri Zabaibuli

**EKYOKULABIRAKO-ENGERI YOKOLAMU OBUBAKA**(Ng'okozesa zabuli esoka)

>**ENYANJULA;** Enyanjula ekuyamba abakuwuliriza okutegera amattu, era n'okuwa obubaka bwo omulamwa.
1.Wa ebyafayo ebitonotono kukitundu kyogenda okusoma, ng'ekyakiwandikisa, ekisera mwekyawandikirwa, nebirala.

2.Wa ekinyusi ekikulu ekyali kigendererwa mukitundu kino. Ggezako okulaga ebyokulabirako mubulamu bwafe, obwa bulijjo.

**Ekyokulabirako**:  Eyo ye Zabuli erimu ebiragiro, era eyawandibwa omuntu atamanyi dwa, nge kwata kungeri ebbiri ezobulamu. Ezatekebwawo eri fe okulondako---Olwo tulyoke tufune ekkubo eddungi, eritutusa mubulamu obweyagaza.( Nebirala bingi).

**>OKUZIMBA OBUBAKA**:  "omutima" gwobubaka gusinzira engeri gyolambisemu ekitundu….."ngokozesa "endowoza"( ezzo gwe kenyini zewevumbulidde), zolabye nga nsonga nkulu.Kozesa kubyawandikibwa ebiri mukitundu kyosomye, kimu oba bibiiri,osobole ensongazo , zoliko okuzisimbako esira- okusinzira nga bweweke nenyeza no kunyonyola okuli mu byo wandise. Kozesa ebyokulabilako, ensonga yo enyonyoke, ate nga ogikwataganya nekinyusi ekikulu.
(ekyokulabirako genda kulupapula awali ekyokuda mubibuzo Zabuli 1)

1. **OMUNTU OWOMUKISA—(enyiriri 1-3) :**Tulaba mu Zabuli 1:1-3, omuntu wa Katonda bwafanana (kikki kyali, kyakola era kyafuka). Olunyiriri olusoka , "aweredwa omukisa" oyo ddala alina esanyu eritukiridde, (munda mungeri eyomwoyo), "Tatambulira ,Tayimirira, Tatuula"……Yewalira ddala emikwano emyononefu,( Ekigambo  ekiraga enfanaganya mu bebulaniya entufu), naye  nga asanyukira "mukigambo kya Katondda" "Alinga omuti ogwasimbibwa kumabali gwo'mugga, nga kituwa ekifananyi kyokulikirizibwa, no bugagga Katondo bwawa abantu be.
2. **OMUNTU OMUBII:** Zabuli1:4-6,  Ababii bwebatyo sibwebali---Okunyonyola
3. nyola omuntu atatya katonda kulambikidwa okuva kulunyiliri olw'okunna, tebasamu kitibwa biragiro bya katonda. Abatukirivu bo balinga omutti ogwebiibala eby'omuwendo, naye ababii balinga bisasiro ebitwalibwa nempewo, nga te bibalibwa eri Katonda.Munyiriri 5-6, zogera kukabenje eri omubii, ne birindiridde omutukirivu ebyenjawulo.

>**OKUWUMBAWUMBAKO**: Wano twagala okumaliriza obubaka bwafe, nga tusimba esira kukinyusi era tusomese enkozesa  nga tulaga ebyokulabirako, engeri gyoteka munkola obubaka mubulamu.

**EKYOKULABILAKO:** Tuyinza okufuna okuyayanira ekigambo kya Katonda, emikisa omuntu omutukirivu gyafuna , gyituzamu amanyi okunonya Katonda, netugabana ekigambo kya Katonda nabo ababula era nabalala.

**<u>TEWERABIRA</u>**: Buli nsonga yona enkulu, enyiriri ziyitamu, ebyokulabirako byona, birina okutuza kukinyusi kyobubaka, nga tusimbira ddala esira kukyo, tukifulire ddala ekyangu okukilaba n'okukitegera.

# *OKWESALIRAWO KKUBYOKOLA*

.

## *Okwesalirawo ekyokola #1*

1.soma ekitundu (Yokkana) emirundi egiwerako.
2.Damu ebibuzo ebigoberera ekitundu (olupapula 57).

## YOKKANA 13:1-20

**1.** Naye embagga ey'okuyitako yali tennatuuka,Yesu bweyamanya ng'ekisera kye kituse okuva munsi muno okugenda eri Kitawe, bweyayagala ababe abali munsi , yabagala okutusa ku nkomalero.
2.Bwebali balya emere eyekyegulo nga sitani yamaze dda okuwereza Yuda Isikaliyoti omwana wa Simooni mumutimagwe okumulyamu olukwe.
3.Yesu bweyamanya nga Kitawe amuwadde byona mumukono gwe,era nga yava wa Katonda , era adda wa kaatonda,
4.N'ava kumere nayambula engoye zze; n'adira ekiremba nasiba ekimyu.
5Nalyoka afuka amazzi mukibya, natula okunaza abayigirizwa ebigere no kubasimuza ekiremba kyeyali yeesibye.
6. Awo najja eri simoni peetero. Naye namugamba nti mukama wange gwe onnazza ebigere?
7.Yesu n'amudamu namugamba nti ,kyenkola nze tokimanyi gwe kakano, naye olikitegera luvanyu.
8. Peetero n'amugamba nti toonnazenga bigere byange emirembe gyona. Yesu n'adamu nti bwe sikunaze nga tossa kimu nange.
9. Simoni Peetero namudamu namugamba nti Mukama wange, sibigere byange byoka naye nemikono, n'omutwe.
10. Yesuu namuddamu namugamba ti anazibwa omubiri taliko kyeyetaga, wabula okunaba ebigere byokka, naye yena nga mulongofu: namwe muli balongofu naye si mwenna
11 .Kubanga yamumanya anamulya mu olukwe;kyeyava ayogera nti mwena muli balongofu.
12. Awo bwe yamala okubanaza ebigere nayambala engoye ze, n'atuula nate an'a bagamba nti mutegede kye mbakoze?
13.Mmwe mumpita Muyigirizwa era mukama wamwe: era mwogera bulungi; kubanga kyendi.
14.Kale oba nga nze mukama wamwe era omuyigiriza mbanaziza ebigere, era namwe kibagwanira okunazagananga ebigere
15.Kubanga mbawade ekyokulabirako, era nga bwe mbakoze namwe mukolenga bwe mutyo
16Ddala ddala mbagamba nti , omuddu tasinga mukamawe; so omutume tasinga oli eyamutuma.
17.Bwemubimanya ebyo, mulina omukisa bwe mubikola.
18.Soogede kumwe mwena: nze manyi benalondamu: naye ekyawandikibwa kitukirire nti alya kumere yange anyimusiriza ekisinziro kye.
19.Okusooka leero mbabulide nga tekinaba kubaawo,era ne bwekiriba mulyoke mukirize nga nze nzuuyo.
20.Ddala ddala mbagamba nti Asembeza buli gwentuma,ng'a sembezza nze: era asembeza nze ng'asembeza oli eyantuma.

# ***EBIBUUZO BYO KWEZULIRA:***

KW: 1. Bantu ki abali mulugero**?**
KW:2.kiki ekyali kinatera okubawo?

EN:3. Embagga yokuyitako kye ki?

KW:4Nyonyola mubigambo byo ekyaliwo.
KW:5 Kiki Yesu kyeyali yemanyiko mulunyiriri olusoka?

EN:6 Yesu abayigirizwa be yali abagala kwenkana wa?
EN:7 Yesu ne Yuda Iskaliyoti yali amwagala?
EN: 8. Yesu ayinza atya okwagala omuntu anatera okumulymu olukwe?

KW:9 Wandika wansi Yesu byeyemanyiko nga osinzira mulunyiriri 3.

EN:10 Lwaki Yesu yanaza ebigere by'abatume?

EN11 .Mulimu gwani okunaza ebigere?

KW:12 Peetero ki kyeyadamu kunsonga y'okumunaza ebigere

EN:13 –Lwaki Peetero yali tayagala munaza bigere?

KW:14-Peetero yadamu atya kukyokudamu kya Yesu mulunyiriri 9

EN:15-Kiki yesu kyeyali ategeza kulunyiriri 10.

NK:16- Wandizemu otya ekibuzo kya Yesu mulunyiriri 12?

EN17- Lwaki Yesu yagambaa buli muntu anaze mune ebigere?

EN: 18-kiki Yesu kyeyali ategeza mulunyiriri 16?

EN:19-Lwaki tekimala okumanya obumanya ebintu noleka awo(Olunyiriri 17)

EN:20-Ani yesu gweyali ayogerako mulunyiriri 18?

EN:21-Nyonyola olunyiriri olwa 20.

NK:22a.Laga enkozesa eri mukusomesa kuno enkulu.
NK:22b.Nkozesa ki eyandibadde eyawamu?
Nk:22c. Oyinza kola ki ekikulu**?**

## Ekyokwesalirawo Ebyokola # 2

1. .Soma( firemooni ) emirundi ejiwerako
2. Funza funza ebiri mukitabo nga okozesa engeri ezikozesebwa mukufunza ebaluwa z'abatume kulupapula 27
3. Sengeka ekitabo kino ngokozesa ebyokulabilako kulupapula 28-29.

### *FIREMOONI:*

1. *1.*Paulo, .omusibe wa Kristo Yesu ne Timosewo
ow'oluganda, eri firemooni omwagalwa era mukozi munaffe.
2. Ne Apofiya ow'oluganda ne Alukipo mulwanyi munaffe, n'ekkanisa eri munyumba yo:
3. Ekisa n'emirembe ebiva eri katonda Kitaffe ne mukama waffe Yesu Kristo bibeere gye muli.
4. Nnebaza Katonda wange enaku zzona, nga nkwogerako mukusaba kwange.
5. Bwenawulira okwagalakwo no'kukiriza kw'olina eri mukama wafe Yesu Kristo n'abatukuvu bonna;
6. Okussa ekimu okw'okukiriza kwo kulyoke kukolenga omulimu, mukutegerera ddala buli kigambo ekiringi ekiri mumwe, olwa Kristo.
7. Kubanga najaguzanyo nensanyuka olwo kwagala kwo, kubanga emyoyo,gy'abatukuvu wajiwumuza ow'oluganda.
8. Kale, newankubadde nnina obuvumu `bwona mu kristo okulagira ekisaana,
9. Naye olwo kwagala nkwegayirira, bwe gayirizi, kuba nfaanana nga bwendi,Paulo omukadde era omusibe wa Kristo Yesu.
10. Nkwe gayirira olw'omwana wange, gwe nazalira mubusibe bwange, Onnessimo,
11. Attakugasanga edda, naye kakano atugasa gwe nange:
12. Gwenkomyawo gy'oli yenyini, ye gwe mwoyo gwange:
13. Nze gwembadde njagala okubera naye gyendi, alyoke ampeereze mukifo kyo mubusibe bw'enjiri:
14. Naye sayagala kukola kigambo nga toteesezza, obulungibwo buleme kuwalirizibwa, wabula mukwagala.
15. Kubanga mpozi kyeyava ayawukana nawe ekisera, olyoke oberenga naye emirembe n'emirembe;
16. Nga takyali muddu natte, naye okusinga omuddu, owoluganda omwagalwaa, okusinga eny gye ndi, naye okusingira ddala erigwe mu mubiri era ne mu mukama waffe.
17. Kale oba ng'ondowoza nze okuba muno, musembeze oyo nga nze
18. Naye oba yakwonona oba abanjibwa , mbalira ekyo nze.
19. Nze Paulo mpandise no mukono gwange, nze ndisasula: nneme okukugamba nga nkubanja era naawe wekka nate.
20. Kale owoluganda, onsanyuse mu Mukama waffe: owummuze omwoyo gwange mu Kristo.
21. Nkuwandikidde nga nesiga obugonvu bwo, era nga manyi ng'olikola okusinga bye njogera.
22. Naye era nate onnongoosereze aw'okusula: kubanga olwokusaba kwamwe muliwebwa okundaba.
23. Epafula, musibe munange mu Kristo Yesu, akulamusizza,
24. Ne Makko,Alisutaluuko, Dema,Lukka,bakozi bannange.
25. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga n'omwoyo gwamwe.Amiina.

## EBYOKWESALIRAWO KUBYOKOLA:# 3

1. **Soma ekitundu (Isaaya55) emirundi egiwera.**
2. **Funza ekitindu( nga okozesa ensfunza enynagu.)**
3. **Yawula obunnabbi,munsonga ezo z'ofunziza.**
4. **Zzula omutwe omukulu oguli mubunnabbi**
5. **Sengeka ekitundu nga okozesa byozudde mu byofunzizza**
6. **Kola omutwe gwesomo gwonokozesa okunyonyola ekitundu .Twala buli nsonga gyozude ojikuze lunyiriri kulunyiriri.Twala ensonga esoka, onyonyole olunyiriri olugiwagira.Oyinza okwagala okunyonyola eyiriri enkulu ezo zozudde mukitundu, nenjogera jewekeneza, mukunyonyola. N'enkozesa.Olwo no genda kunsonga endala nayo ogyilungamye.Gezako okulaga kubyokulabirako, no obugero obulaga amakulu.**

## ISAAYA 55

1. **Mujje ,buli muntu alumidwa enyonta, mujje eri amazzi, n'oyo atalina bigula; mujje,mujje mugule omwenge n'amatta awatali bigula awatali muwendo.**
2. **Lwaki okuwayo ebigula olw,ebyo ebitali byakulya? Lwaki okuteganira ebyo ebitakutibwa? Mumpulirire ddala nze, mulye ebirungi,obulamu bwamwe busanyukire amasavu.**
3. **Mutege amattu gamwe, mujje gyendi; muwulire,n'obulamu bwamwe bunaaba bulamu: nange naalagana namwe endagano etaligwawo, kwekusasira kwa Dawudi okwenkalakkalira.**
4. **Laba muwaddeyo okuba omujulirwa eri amawanga, omukulu era omugabe eri amawanga.**
5. **Laba oliyita egwanga lye wali tomanyi, era eggwanga eryali terikumanyi liri ddukira gy'oli Kulwa Mukama Katonda wo ne ku lw,omutukuvu wa Israeri; kubanga akugulumizza**
6. **Munonye Mukama nga bwa kyayinza okulabika,mumukabirire nga bwakyali okumpi**
7. **Omubi aleka ekkubo lye, nomuntu atali mutukirivu aleka ebirowozo bye; era akomewo eri mukama, naye anaamusasira, adde eri Katonda waffe, kubanga anasonyiyira ddala nnyo**
8. **Kubanga ebirowozo byamwe si birowozo byange, so namakubo gamwe si makubo gange, bway'ogera mukama.**
9. **Kuba egulu nga bwelisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwegatyo bwegasinga amakubo gammwe.**
10. **Kuba enkuba nga bwekka no muzira okuva mu ggulu nebitadayo nebifukira ddala ettaka, ne birimeza ne biribaza, nebiwa omusizi ensigo n'omuli ebyokulya;**
11. **Bwekityo bwekinabanga ekigambo kyange ekiva mukamwa kange: tekiridda gyendi nga kyerere, era kiriraba omu kisa kwekyo kyenakitumira.**
12. **Kubanga mulifuluma nesanyu, mulitwalibwa n'emirembe okuvayo: ensozi no busozi ziribaguka okuyimba mumaso gammwe, ne mitti gyona egy'okuttale girikuba mungalo.**
13. **Mukifo kyomwera manyo mulimera omusabya, ne mukifo kyomutovu, mulimera omumwanyi era kiriba eri Mukama erinya,akabonero akataligwawo akataliggibwawo.**

# EBYONGERWAKO KUBIRI MUKATABO

**(APPENDIX)**

**ENGERI YOKUTANDIKAMU N'OKULEMBERA OKUYIGIRIZA BAIBULI.**

Okutandika okuyigiriza Baibuli kuyinza okuunyumira , akulembera. Bwoba tokulembera ngako kibina, kiba kyamagezi okutandika empolampola, nogenda ng'okula nawe bwotyo.
Tandikira kubyokusomesa ngabitono, buli wiiki, okumalako omwezi gumu. Kino kijjakuyamba okuyiga nga bwogenda mumaso , era weyongere okola obulungi. Bwotandikira kukusomesa okumala ebanga egwanvu, abantu bajja kowa era , balekere awo okujja nga nawe akulembera tonakakata, era kino kikumalemu amanyi.

## ANI GWEMBA NYANIRIZZA?

Nga tonayaniriza muntu yena, twala kukisera osabeko.Kirina kuba mugwe nti Katonda , atekateka abantu abalina enyonta mukigambo kye. Ekyamazima, Mukama atekateka abantu be nga gwe tonaba kulowoza kuyigiriza! Nga osaba oja kusisinkana abantu abetagisa okwaniriza.
Tandika nabatono, babiri oba basatu boka bewetaga. Ngaweyongera okusomesa ekibina kijja kula, naye kyamuwendo okutandikira kubatono.

## KISERA KYENKANAWA EKISANA OKUYIGIRIRIZAMU?

Abamaze ekisera mukuyigiriza, bakizudde nga esawa eba mpavu. Booyigiriza bajja kowa balekere awo okujja. Londa ekisera buli omu kyawuliriramu eddembe, era okume bulungi ebisera. Ebisera ebimu oyinza okulwawo, naye bera ng'olimwegendereza.

# NTEGEKA NTYA?

Okuyigiriza obulungi "tekugwa bugwi" nga kyekaango-Betekateka.Ekisoka kiriza Katonda ayogere nawe nga bwosoma ekitundu kyogenda okuyigirizamu. Leka ekigambo kikuyingire, kisoke kuwereza gyoli.
Ekyokubiri, wewereyo ddala mukuyiga, bwoba oyigiriza obere nga owulira eddembe mubantu. Bwoyanguyiriza mubisera byoyigiramu, kyoyigiriza tekijja kuleta njawulo eyo Katonda gyabadde ayagala ejje eri abantu.
Bwoba nga wetegese bulungi, era nga namazima ogakwatidde ddala bulungi; tekyeganika n'abantu bokulembera bajja kukiwulira.



Ng'omaze okusoma ekitundu amirundi egiwerako, tandika okuvumbula ebyo byolowoza ebikulu ebirimu.

**Laba ekitundu wekitandikira era wekikomekerera. Webuze oba ekinyusi kyosomye kiweddeyo oba, kikyeyongerayo mukitundu ekiddako.Kiki kyetulaba wano?**

**Ngomaze okufunza ekitundu (kwekumenya menya), tandika okwekenenya, onyonyole era olage n'enkozesa. Ngomaze ebyo byona, oyinza kati okuyiya ebibuzo. Buza ebibozo ebirina kyebiraga ebiri mukitundu. Era birina ogoberegana nga ekitund bwe kyawandikibwa. Jjukira tuyiga ekitundu nga bwekyawandikibwa, nogoberegana.**

**NKULEMBERA NTYA?**

**Bwoba omaze okola ebibuzo mukitundu kyosomye, kati otuse okulembera okuyigiriza. Ate, jukira obutediramu bibuzo byo. Bwekiba ekibuzo tekitegerekese raba ng'okibuza mungeri endala**
**Laba ng'ozayo abantu bokulembera , mukitundu gyebaba bagya ebyokuddamu.**

**Jjukira okulumba ebyawandikibwa noba ng'obigoberera nga bwetulumba akatabo kano ketuyigamu. Fuba nga bwosobola, okulaba nga ekitundu kyenyonyola kyoka**

## ENGERI GY'OKEBERAMU OBUKULEBEZE BWO:

**Nga omaze okusoma, oyinza okuyita mubintu bino wamanga, aba yita muno mukibina, mubiyitemu mwena . Nga tonatandika, lwaki tewebaza Katonda olwe byo ebyabadewo mukuyigiriza. Engeri yona esomo bweryagenze, era omwebaze nti ayinja okozesa ekigambo kye, n'akoma kubuli muntu eyabaadde mukuyiga.**

**ENETEGEKA MUUYO**

1. O lowoza watute ekisera ekimala mukwetegeka?
2. Walaze omulamwa kukyewabadde oyigiriza. Waganyiza esomo nawe okuyingira
3. Okwetekateka mukusaba: Oyagala okukyusamu kwebyo gyosabira, nga wetegekera olusomesa oluddako



**ENDOWOZZA YO:**

1. Wasubidde Katonda okola nga muyiga?

2. Walaze okufayo eri buli muntu nebamanya nti bayanirizidwa, olwo no, buli omu alina ekibuzo oba ekizibu ngayinza okwogerako nawe, nga awulira eddembe?

3. Wabade oli mwetefutefu okuyiga,okuva eri abantu abalala mukibina.?

**EMBERA GYEMWABADDEMU:**

1. Yabadde siyabuligyo era nga ya buntu.

2. Okutwalila awamu , abantu babadde baddembe okubako ne kyebogera?

3. Mungeri ki gyewayambyemu bano okulaba nga benyigira mukubaganya ebirowozo?

**ENKUMA Y'EBISERA:**

1. Bwoba wandibadde wakudda mukitundu kyemwabade muyiga, wandiyagadde okukyusa mubudde. Oba okwongerako okwanguwa.

2. Wasobodde okutandikira mubudde n'okumalira mubudde .

**OKUBAGANYA EBIROWOZO:**

**1.**Wandika ebintu byewayize, nga mukubaganya ebirowozo, era obiseko esira.

a) Ekibina kyagoberede byewabadde olina okugoberera, nga bakubaganya ebirowozo?

b) Bonna bazeyo awasomedwa okusobola, okuddamu ebibuzo?

c) Wafuddeyo obutediramu bibuzo byo?(Naye mwakubaganyiza mwena ebirowozo?)

d) Wagonzezamu mubibuzo nga olaba kyetagisa?

e) Wafuddeyo okulaba, nga omuntu si omu addamu ebibuzo ebisinga obungi?
f) Waliwo kyoyagala kyona okusaba Katonda akole mubuli kinomu ekyo kyolaba nga kinabaletera okwenyigira obulungi mukubaganya ebirowozo.
g) Waliwo gwolaba nga yandyetagisiza okuyambibwa, asobole okwenyigiramu? Yogera naye.



**EKIGENDERERWA**

1. Okubaganya ebirowozo kwabadde ku gyayo, ekinyusi ekiri mukitundu?Bino byanokodwayo, abantu ne babiteka mubirowozo byabwe era nemunkola

2. Ebirowozo ebikulu byagatidwa wamu nga, mumaliriza, okubako kyekinyonyola ekyawamu.

3. Wamatizibwa nti esomo lyajjeyo ekigendererwa-Abantu balina amazima,gebatutte?

## BYOSANYE OKUFAKO:

> Ekitundu kyekirina okwediramu ebibuzo so si mukulembeze

- Mugezeko okusigala mukitundu, okusobola okulaba nga kye mukubaganyirizamu ebyokudamu. Wabawo ekisera nga ebyo byolina mugwe nga byetagisa nyo, naye yiga okukozesa amakulu buli omu gayiza okulaba.

- Sigala kunsonga gyemuliko,-kuba kiba kyangunyo okubula nemuva kumulamwa.

- Kyamuwendo buli omu naleta ekigasa eri okuyiga. Eri abo abakubaganya enyo ebirowozo,bawe nabalala okubako kyebogera.

- Bwemufuna abantu abapya, kiba kirungi nemuddamu nemuyita mubigobererwa.

Bwoba obuza ebibuzo, ba nga owa bano akasera okunonya mu byawanddikibwa,okujamu ekyokuddamu. Ebisera ebisinga wabawo akasirikiriro, nga waliwo ekibuzo ekibuzidwa. Wegendereze, obutanguyiriza kuba, babaa banonya kyakuddamu nga banonya mu byawandikibwa.

Ekibuzo ekimu ojja kufuna ebyokudamu nga byanjawulo,nolwekyo ba wadembee okuwulira ekibina engeri gye kikubaganyamu ebirowozo. Nga omaze okufuna okuva eri omu, gezako okulaba ngo lina kyokyogerako, bwoti: “ekyo kiyamba”, oba “kumanya kulungi”, waliwo omulala kyakyogera ko?

Jukira kino okubaganya ebirowozo tekuja genda bulungi emirundi egisoka, naye, kijja kula nga buli omu bwayiga era nga mwemanyiza enkola. Eri abamu guyinza okuba nga gwemulundi gwabwe ogusoka okubaganya ku baibuli mungeri eno.

Tofayo oba abantu abamu bazemu mungeri etali ntufu.Jukira Katonda akola .era si buvunanyizibwa bwo gwe omukulembeze okutegeza buli ndowoza ya buli muntu.Gwe kyolina okola kutwala buli omu mukigambo, era okirize ekigambo kibatereze! Abantu abamu balina omuze ogw'okuba nga baleta kuwakana. Basabe ebibuzo byabwe ba byesigalize, okutusa okubaganya ebirowozo kuwede, olwo no oyogere nabo. Kakasa nga oyogede nabo.

Ebisera ebisinga, nga muli mukubaganya ebirowozo, omu ayinza okudamu kyotonabuza. Mumbera nga eno, mukyogereko mukasera ako n'ekibina. Okukisimbako esira, oyinza okukibuza, mungeri enungamu mukuyigiriza kwo, era odeyo ku bye mwayogeddeko edda, nebye mwakubaganyizako ebirowozo kukintu ekyo.

Okubaganya ebirowozo kuyinza okutabukatabuka nga buli omu aleta kino,nomulala kiri olwa newekanga nga mubuze, n'ebisera nga bigenze. Ate nga oyagala ebilowozo ebirungi, era nga oyagala Katonda yeyogerere ng'ayita mukitundu.Ekitundu bwotakisoma kimalayo, ekibina kijja kufuna omulamwa nga gwakitundu. Yiga okomyawo baano bwe baba babuze, olwo no mweyongere mumaso ne kibuzo kyemwabadeko.
Nga omaze okusomesa laba nga wezamu embavu ng'oyita mubyokwegezesamu olabe bwokulembedde

Katonda asobola okola enyo nga muyiga abantu abatono,era newankubadde ngamuli baangi. Naye obumanyirivu bulaga nti bwemusuka abantu 7 oba 8, okubaaganya ebirowozo tekuvayo bulungi, mubula..Bwekiba ekigendererwa kyakuyiga wamu ekigambo kya Katonda, kiba kirungi okuba abatona. Ekibina bwekigejja enyo kigabanye mu, era oyigirize omulala okulembera.

Obubiina obutono tono bukuza amakanisa, mu mwoyo ne mumubiiri.

# EKIKULA KYOBUBINA OBUTONO:

**(small group dynamics)**

Okumanya ekikula kyobubina obutono, kiba kya mugaso nyo eri omukulembeze. Ebisera ebisinga ekibina kitandika nga kyagala nyo, naye mumaso awo nekigwamu amanyi. Lwaki kino kibawo? Wayinza okubawo ensonga nyingi, nga omukulembeze okuba nga tafayo, olwobutategeregana obuyinza okubalukawo, oba obutaba na ntegega nungamu.

Ekibina bwekisasika, watera okubawo ensonga. Naye,ekyo tekisanye kubawo bwemuba mwegendereza bulungi, ebigobererwa ku kikula kyobubina obutono.Ebibina ebimu bigenda mumaso, nga tebifudeyo kiki ekibiretera okubawo. Bikula, kuba biba bikola ebyetagisa okola ngatebitadeyo mwoyo, nti kino kyekikuza obubina.

“**EBIGENDERERWA EBIKULU” EBYEKIBINA NGA BIYISINGANYA “NE’BITALI BIGENDERERWA”**

Ebibina bibawo nga bikolera mungeri za mirundi ebiiri**: “Ebigendererwa “ n’ebitagendererwa”** okujako nga ebintu bino byombi bigobereganye, omukulembeze ajja kuba nobuzibu.

EBIGOBERERWA: kinyonyolwa lwaki ekibina kikungana, kuyiga baibuli, kusabaa, kutesa, kuyimba, nebirara.

EBITALI BIGENDERERWA: kino kikwanaganya ne nkolagana buli omu eri mune mukibina, era nokuwulira nga ddala ekibina kiringa,ekikye.Ekibina mubamu abantu abalina endowoza ezenjawulo, okusosola, ebyetago, n’ebigendererw ebyekusifu.

Buli omu munda muye ajja kwebuza nti, “kifo kii kyenina mukibina kino? Banange banakiriza endowoza zzange? Nakola ntya bandabe nti ndi wamagezi, nina ekisa, ndi wa mwoyo, oba ekyo kyona kyolowoza abantu okulaba nti oli wamugaso? Munanzikiriza bwenaba nga nina we mpebuuse?” Okujako nga abantu bafunye ekyokudamu eri ebibuzo byabwe, kijja kuba kizibu nyo okola ebigendererwa (okuyiga baibuli, okusaba, nebirara)

Twetaga okusa esira kubitali bigendererwa byakibina, kubanga wewasimbukira ddala obuzibu. Wali wegendereza nti waliwa ebibina ebimu ebitabako kyebitukako, oba kyebikola? Batandikira ku Isaaya 1:, naye nebasomako enyiriri nga biiri, oba nebateka teka okuyiriza naye eddakika 30 agadako nebasalawo kuyita muyimbi. Ekifo ekyogenda maso n’ebigendererwa byabwe, bada mukukayana, kusagasaga,nebogera nga abawendule,oba okusalawo obutogerera ddala!

Buli kibina kirina okulaba nga ebigendererwa n'ebitali bigendererwa, bisibwako omwoyo.Ebibina ebitunulira kyebirina okola kyoka, biri mumutawana munene.Oluvanyuma, ojja kwekanga nga temutuse kukigendererwa.

Omukulembeze, olina okuyiga bwokwatamu ebizibu by'abantu. Yiga okuzula mubwangu ebibaluma.Gezako okusoma bwawulira, kuba mukibina babiyita kungulu., Abantu tebaja kwogera nti " tukoye okusoma", kyebaja okola, kwekuleker'awo okwenyigiramu, basumagirire muntebe, nolusi okutunula mumadirisa. Baja kubulira nga tebakozeseza bigambo. Nkubulira amazima, eyebase ajjakubako kyagamba! Kuba ebigambo biyinza okuwakana nekyo kyawulira muye.Nyinza okuba nga ndi munyivu, era nga ondaba kumaso , naye negamba nti siri munyivu. Abantu bogera mungeri ezenjawulo, era tulina okulaba nga tuziyiga.

Oba engeri gyoyinza okumanya kiki ekigenda mumaso, gwe kwe kwebuza ekibuzo nti,"KIKII KYEMPULIRA KATI?" Bwemba mpulira nga ntabudwa tabudwa oba nga newolereza, awo manya nga waliwo ekitateredde. Bwekiba ekizibu si kyakyama, nyo kigyeyo mukyogereko. "mpulira waliwo ekitateredde.Oyinza okukijayo netukyogerako?"Bwekibawo era nga kiri "kubitali bidendererwa", kiyinza okuyamba ekibina okusinga okuzikiriza. Tekitera kusangika ekibina okubusa amaso byebalina okola "EBIGENDEREWRA" nebatunulira " EBITALI BIGENDERERWA"

Waliwo omuwala omu mukibina, nga bulijo yenyigira mukubaganya ebirowozo. Olunaku lumu naja natula mukibina nasirika.Omukulembeze nayimiriza okuyiga, nagezako okuzula kiki omuwala kyeyali abadde.Omuwala natulika nakaaba, nababulira nga maama we bweyali omulwadde enyo.Ekibina kyona nekyegatira wamu nekisabira maama womuwaala era nebagezako okumuzamu amanyi. Ekibina kyava mukuyiga obuyizi baibuli, nebalaga okufayo,n'okwagala.Mumbera ng'eyo eringa ewabya, Tufuna ekyokuyiga ekikulu mubulamu bwafe, enkolagana, enkayana, okwagala,okusonyiwa, nobwesigwa.Mungeri endala tuyiga kiki ebyawandikibwa kyebitegeza ebyo bye tubadde tuyiga ebiro byona.

## ENTABAGANA EZZENJAWULO

Bwemuba mukibina abantu batabagana mungeri ezewunyisa. Engeri ezimu ziyamba ate nga endala teziyamba. Zezino wamanga:

- Ayogera nyo-buli kintu alina ekyokyogerako
- Wansonyi- tatera kwogera.
- Mutunulizi-buli kintu atunulira kitunulire, teyenyigiramu.
- Kazanyirizi-buli kisera oyogera ekisesa,
- Abajjakumulamwa -wamagezi nyo,era aletta ebyagala okwefananyirizako
- Mukayanyi- alina ebirowozo ebyamanyi, era tatera kuva mangu kunsonga

- Owebigendererwa ebibye- alina ekirowozo ekirala muye, naye tayagala kukyanja.

## ENGERI GYOWABULAMU BULI OMU:

### *Ayogera enyo:*

Zza omuntu ono kkumabali oyogere naye, nga tomuswaziza. “Pawulo, netaga okunyamba,abantu mukibina nabo babeko kyebogera. Nsimanyo ebirowozobyo, naye nyamba tuwe nabalala akakisa.Bwembuza ekibuzo, toyanguyiriza mangu kidamu, leka tuwe akakisa nabalala tuwulire endowoza zzabwe”

### *Owensonyi:.*

Kozesa amanya gabwe ageki kurisitayo, obuze ekibuzo nga kigenda gyebali. Kino kija baletera okwenyigiramu. Yogera bulungi kukyebazemu, nga:”Wekenenyeza bulungi”, oba “ago magezi malungi!”

### *Omutunulizi:*

Laba nga omuntu oyo omubuliza ddala ekibuzo olwo ne kisobole okumuletera okwenyigiramu. Abantu abamu batunula butunuzi, nga balowoza nti byebanayogera bane tebaja biwuliriza, Nolwekyo, bakwate nobwegendereza ate ng’obalaga nti nabo kitundu kumwe.

### *Bakazanyirizi:*

Omuntu ng’ono aba wamugaso mukibina,mungeri yokugyawo okweralikirira , babere nga bawulira eddembe.Naye, ebisera ebimu ayinza okuleta omutawana ogutali mwetegekere.Kino bwekigwawo,mutwale kumabali, omusime olwekirabo kye.Naye bayambe balabe nga balina okwegendereza nga bakozesa ekirabo kyabwe.

### *Abajja kumulamwa*:

Omuntu on aba wamutawana singa oba tomukute bulungi. Yiga okumukomyawo mukitundu, n,ensonga gyemuliko. Oyinza okwogera bwoti, “Eryo somo ddungi. Ndowoza tujja kulikwata ko mumas’awo.” Nga tomukiriza kubako kyayogera, olwo zayo ekibina mukitundu ng’obuza ekibuzo ekirara.

*Akaayana kaayana*

Bwaba omuntu ono afuse ekizibu, naye mutwale kumabali oyogere naye. Ensonga ze zitwale nga nkulu, naye mulage nga bwekiri ekyomuwendo okukiriza ebirowozo bya bane, aleme biwakanya buli kisera. Omukulembeze bwaganya omuntu ono okweyongera maso, ekibina kija kuleker'awo okubaganya ebirowozo, olwokutya obawakanya..Omuntu ono bwatandika okayana, nomuntu omu oba ababiri mukibina, ngakigenda kuleta kayana okwamanyi, kiba kirungi omukulembeze nayingira munsonga mangu. Ebirowozo byona bitwale nga bikulu, era ogabane nti ,n'abalala balina eky'okudamu kunsonga eno. Bagambe nti, barekere awo okukayana era mweyongereyo kusomo.

*Alina ekigendererwa ekikye*

Bwozula nga waliwo atafayo musomo kiba kyamagezi nomuza kumabali n'ozula ekimutawanya. Ngatonabako kyokola sirikirira mpola obasabire muli.. Ebisera ebisinga kino kyekyetagisa kyoka. Naye bwowulira nga kyetagisa, okuwereza gyebali, oyinza okubako kyoyogera,oba okubuza ekibuuzo kiyinza okuyamba,nga, "Juni, ng'oli musirifu lero. Waliwo ekizibu? Oba olabika ng'oli wala lero, wariwo kyetuyinza okwegatira awu netukisabira?"

## EMBERA ZEKIBINA:

Embera y'ekibina yamugaso nyo.Abantu balina okuwulira obulungi, okwagalibwa, okukirizibwa, awono ekibina kija kuba n'obulamu.Ekibina bwekibera mumbera enungi, abakirimu bajja gezako okuziyiza ebizibu n'embera yona ebatatabula.

Buli omu alina  okuwulira nga akirizibwa,era nga tasalirwa musango, olwo no agya kuba wadenbe okwenyigira mu buli kimu. Ebizibu bigolokoka nga waliwo omu awulira "ng'atuse" kuddala eryomwoyo, oba ngafunye okumanya okwenjawulo mu Katonda, abantu abatono enyo kwebamanyi. Kino bwekibawo, tewaba kyakola wabula abalala okubtulungamya.Bwetutandika okweraba nga bwetuli (abononyi,abantu abagwa era abayagalibwa Katonda), tetulekayo bulesi kusalamimasngo,naye tuyinza n'okuba abesigwa.

# EKIKULA KYEMBULILA

## ENAMBULUKUFU Byawandikibwa Earl Palmer

Guno mukisa gwamanyi nze okubera wano mulukungana. Njagala ogabana namwe ebyo byempisemu nga omusumba, ebyo byenzikiriza okuba ebyomuwendo mukuyiga baibuli nembulira enambulukufu mumakanisa. Buno sibubaka newankubade nga nina akatabo. Katabo kalungi era nja katereka okutuka kunkomeroro. Kyenjagala okulaga yembulira enambulukufu.

Njagala kutandikira kubyafayo byange, ebyo byempisemu. Ndowoza bwe mumanya ebirowozo byange okusoka nga byali birowoza kubuwereza obwo bwenina mukanisa y'abakadde eyasoka mu **Bakele (berkeley**), n'obuwereza bwenalina mukanisa y'awamu mu Manila ne Univasite yekanisa y'abakadde **mu seatle (sito**) eyasoka. Olwo muleme kutegera butegezi kitundu kyakuyigirizibwa kyange mu siyologye, naye nekika kyenayigiramu siyologye, era ekikulu mubuwereza bw'omuntu.

Ndiwamulembe gwakusatu mu **Carifornia** era nakulira kumpi nolusozi lwa **"Shasta".** Ewafe wali wanjawulo nga buli omu akola kyayagala, bayayananyo, bazamu amanyi, naye nga sibanaddini. Nalekerawo ogenda mukanisa nga nakamala emisomo gyange egyawagulu (siniya), era neyongerera ddala obutagenda mukanisa emyaka ebiri egyasoka mu Univasite ye Carifornia (Kalifoniya) mu "Bakele".Nga ekyo sikitundu kyabulamu bwange.

Omwaka gwange ogwokubiri mu Kalifoniya, nabera nga mukizimbe **Barringitoni**, ekifo ekyali era ekikyali ekyeyawude. Ekyali ekisulo kyo mu bumerica ekyali kukakiko kolukalala lwamayumba abatali bamerika bakozi. Nga abasajja abasula mukisulo kino bali 250, era nze nenfuka akulira ekisulo ekyo. Nayitayo ebisera bino nga ekifo ekyo kikyaliyo.Okubalaga ebiriyo mukisera kino, wajudde ebipande ebinene wona, kubanga waliyo okuwakana kungi nyo ebisera bino mu Bakele.Ekiwandiko ekikulu kyenalabayo, kyali, mumaso gakisulo ekyo mumulyango, kiwandikidwa mubipande, era nga kidugavu, ngakiri munukutta enfuyire:"**VAWO WANO!!**"

Mumakati gomwaka gwange ogwokubiri omu kumukwano gwange yampita ogenda okuyiga Baibuli.Akabina kano, kali kasisinkana omulundi gumu muwiiki mukasenge komuyizi omu, era nga bali bayiga kukitabo okuva mundagano empya;kyanyanguyira nyo. Basisinkananga esawa emu, okufuna akasera akokuyiga akomunda nga bagabana kundagano empya.Nkyajukira ekyambako nga ndaba abaana abato abemyaka gyange, nga basoma endagano empya nobukalativu.

Mukasera ako salina Baibuli, era natunulanga wamunange aninanye.Nasanyusibwa nyo era nengamba, "njagala okweyongera nga nzija okuyiga bayibuli mukibina kino". Muwiiki eyo nagenda nengula bayibuli. Twalina bayibuli eka naye kusomero salinayo n'emu.Obutamanya nzivunula zanjawulo nekanga nguze jetutakozesa, Eya Kabaka Yakobo".Bwenadayo wiiki eyadako okuyiga nebagamba nti, "Tetugenda kukozesa

nzivunula eyo; tugenda kukozesa enzivunula empya eya Bayibuli”. Nalina okudayo okugula bayibuli endala. Awono nali sinafuka mukuristayo, naye nga maze okugula bayibuli biri mu wiiki emu. Nafuna enzivunula empya nga olwono buli kisera nenyigira mukuyiga bayibuli.

Natandinka okubera nga nkungana nekibiina kya College (Kolegyi) ekyali mukanisa y’abakadde eyasoka ku Bakele mukyeya, era mukisera ekyadako nengenda mulukunga olwali ku “**Lake Tohoe**” awali ababulizi ababiri, **Edward Yokaana Carnell**, ava mu seminare eno, ne **Robert Boyd Munger**.Nkyajukira bulijo ekyo ekyaletera obulamu bwange okukyuka mpaka kati, nga ndi mulukungana, Bob Munger yaleta ensonga. Yagamba, “Bwoba omatizibwa obwesigwa obuli mu Kuristo Yesu, era nga oli mwetefutefu okwesiga obwesigwa obwo, awo otuse okufuka omuKuristayo”.Yakyogera eri kibina kyona so si eri nze omuntu omu,naye mungeri endala yali agamba nze ebigambo ebyo.Nzijukira okugenda wansi kumugga era nensarawo nti njagala okwesiga obwesigwa obuli muKuristo Yesu.

Kino kyabawo mumwaka gwange wegutandikira mumisomo gyenali ntwala.Bwenadayo ku Bakele nayimuka mangu.Nenyigira nyo mukibina ekiyiga Bayibuli mu Barringitoni nga bwenabagambye, nenkuzibwa okufuka omukulu we kisulo kya Barringitoni, era omukulu wekibina kya collegi ekye kanisa y’abakadde eyasoka.Mukisera kyekimu nga ndi munyikivu mukibina ekitono ekiyiga Bayibuli.

Twalaba ebintu ebyenjawulo mumwaka gwaffe ogusembayo mu Carifornia.Twalaba abasajja mukisulo ekyo nga tubuzayo wiiki emu okumalako, abasajja bafuka aba Kuristayo. Kyabawo mungeri emu oba endala. Bali bava mumulimu ogunyomebwa, naye ye mukama nga agusamu ekitibwa.

Mumakati gomwaka gwange ogusembayo, newankubade nga nali ntwala bya Mateka na Byabufuzi, nali nkyusibwa nyo n’ebyo ebigenda mumaso mukibina kyaffe kyetuyigiramu Bayibuli era nenfuna omukisa okujulira nga omu Kuristayo, era nengamba omusumba wange, Bob Munger, “omanyi, kino nkyewunya.Oba nange nyinza okuba omuwereza wa Katonda”. Nadamu, lwaki tosaaba ku “**Pulinsitoni”** nolaba? Olwo nensaba museminare ya Pulinsitoni. Nkiwa nze nali omuyizi omubisi musomero lyabwe gwebali bakasose okuwandika.

## “SINGA NSOBOLA OKULETERA ABANTU EKITUNDU NEBAKISAKO ESIRA,KYO KIJJA KUBAMATIZA.”

Ekanisa ya Bakele (Berkeley) yantegekera omuvubuka ayitibwa **Lynn Bolick,** akiririza enyo mumusalaba, okuba nga gwensula naye mukisenge kimu. Yanyambanyo omwaka gwange ogwasoka ku Pulinsitoni. Abalala bali beralikirivu nti nyinza okufira munkola yobuwakanyi(eyobufuzi), bafuba okulaba ngangenda mulukungana lwo kwezula mukisera ekyo olwali mu **“Star Ranch**”nga sinagenda ku Pulinsitoni.Olwo no bwenagenda ku Pulinsitoni nalina enkyukakyuka gyempisemu. Nina byenavumbula ebyomumaso mukusoma siyologye;era nasanga **Yokaana A. Makayi** omubulizi owamanyi gwenali mpulideko. Namala emyaka esattu mu seminare yo mu Pulinsitoni era nengenderawo mubuwereza.Naye ekyo ekyasoka okumbako mukisulo kyo mu Barringitoni e Bakele kyalina ekikulu kyekyali kindesemu.

Ku Pulinsitoni ebisera ebyo twalina ogenda mungiri nga tuli mububinja, ekintu kyenanyomanga enyo. Teyali nkola yange ogenda mumakanisa, okusoma ebitundu mubuwereza bwokusinza,era n’okwogera eri abavubuka okwenyigira okugenda eri amaka okulya nago ebyemisana. Twali tukikirira Seminaliyo era nga tukola bulungi, mungeri emu okusingawo oba olusi obutasingawo.Ekyo nakikolera emirundi ena nga sinasalawo kulekera awo; naye olwadirira omulundi ogwasembayo, nali nga ndi mu **Jenkinitawuni** ebweru wa **Filadefiya**, nenfuna ekyemisana namaka ga **Kerr**i. Waliwo omwana omulenzi mumaka ago erinyalye **Gileni,** nga yali mupya mu Pulinsitoni Univasite, eyasangibwa eka mukasera ako. Bwoyogera nkunsisikana eyo bwa Katonda, ngikirirzamu. “Oo, ova Ku Pulinsitoni Univasite. Nze nva ku Pulinsitoni Seminare. Nga kyewunyisa ffe okusisinkana”. Nangamba nti “kyamuwendo” Olwono wiiki eyadako twakwatagana nemubulira, nti omanyi Gileni, Bwenali nga nkyali eBakele nali nga nenyigira mukibina ekitono nga tuyiga Bayibuli era kyanyamba nyo. Sirinayo bwekityo wano ku Pulinsitoni. Wandisubide nti twandibadeyo nekimu bwekityo wano?” Nangamba nti nja kubuza munange gwensula naye mukisenge awamu.” Olwo no netutandika okuyiga Bayibuli ku Pulinsitoni.

Nekanga nenyigide mubibina nga musanvu mukisera ekyo kuba buli kabina kansaba okubayamba. Obwo bwebwali obuwereza bwange okumala emyaka esatu gyenamala ku Pulinsitoni. Basisinkananga esawa nya ezekiro, kumi nabiri ezokumakya,oba kumi nekitundu ezakawungezi. Twakozesanga esawa emu era nga nkozesa enkola enyangu gyetwakozesanga ku **Bakele** nga tutunulira ebitabo ebyenjawulo mundagano empya. Ebisera ebimu omutume Pawulo yawangulanga ebirara natawangula. Naye ekyo tekyaneralikirizanga. Nagezangako okutunulira amakulu agali mukitundu n’abayizi kyenazula wano, kyekimu kyenali nzudde ku Barringitoni. Nga owade omuntu okutunulira ekitundu, mbagirawo ekitundu baba bajja kitegera era kibawangule. “Okuyiga Bayibuli mukwekenenya” bwenali nkuyita. Nga obubina buno sagala kubuyita “bubina obuyiga bayibuli obwengiiri”. Nga njogera nomukulembeze omu eyakulemberanga ekibina ekitabaganya zi univasite, namugamba “toyitanga obubina bwamwe obuyiga bayibuli nti; “obubina obuyiga bayibuli obwengiri” naye biyite ebibina ebyekenenya mukuyiga bayibuli; Lwaki okulembeza ebyo mukuyiga kwamwe okwa Bayibuli? Leka ffe tuyige ekitundu nga bwekyetagisa, ye Katonda abulire engiiri nga

bwaba asazewo.Nerero mumambuka ga Kalifoniya, univasite ezawamu ziyita ebibina byabwe ebiyiga Bayibuli mukwekenenya.

Nalabanga abaavubuka ku Pulinsitoni nga bafuka abakulisitayo. Sagezangako basenda senda nga bafuke abakulisitayo;kyajanga buzi. Engeri enno yabangula nyo obuwereza bwange mungeri endala, nemukuyiga kwange okwasiyologye. Nsobola okubulira amazima, obuwereza bwange mu **Sito (Seatle**), **Manila** ne **Bakele(Berkeley**) bubade busimbidwa kunono eno. Bwendetera abantu okutunulira ekitundu nobwegendereza, kyo kigya kubamatiza. Enkola eno yanzigyako omugugu, era nga sikyasalasala magezi oba okola enkola endala yona okulaba nga matiza abantu, okufuka abakurisitayo. Kyenina okola kwekuleta abantu eri ekitundu kya bayibuli; newankubade nga kyetagisa obukugu okuletera abantu okukola ekyo. Nakizula nti siyologye asingayo, yesiyologye aleta abantu mukitundu kya Bayibuli. Sikukwata bibuzo byansi nogezako okunonya bayibuli kyebyogerako, olwo noyogera eri ensi. Naye gwe kwekukozesa enono eri mukitundu nga bwegamba, olwo no nolyoka otambala ensi.

Mukatabo ka **Helimutu Tileke**, kebayita “enono ya siyologye”, Yalaga enjawulo wakati wasiyologye wa **Pawulo Tillichi** ne **Kala Bati**, era yakozesa enkola eno okusobola okulaga enjawulo munkola zino zombi eza siyologye. Yalaga nti Pawulo Tillichi, kyeyali ayagala enyo kwekulaga enkwataganya, nga otandika nengeri yensi. Yensonga lwaki siyologye ono mugazinyo. Atandika nengeri yensi, era nabuza ebibuzo ebikwata kwebyo ebiriwo, awo neyeyongera mumaso okulaga ekika kya siyologye ekirimu.,Nga agyayo enfanaganya, Kala Bati, atandikira kukitundu olwo nagenda eri ensi okulaba nga waliwo enjawulo. Akozesa ekyokulabirako ekyasiyologye ono nga enkozesa. Ekiwandiko kyo mu **Bameni** ekya 1934 ekyawandikibwa **Kala Bati, Matini Nimola** ne **Wilihemu Nimola**. Kyewunyisa okulaba nga buli kiwandiko, mubiwandiko omusanvu ebya Bameni bitandikira ku Kitundu nga byolekera ensi.Ekyokulabirako, Ekiwandiko ekisoka kitandika ne Yokaana 14:, nze kubo,n’amazima, n’obulamu; tewali agya eri kitange wabula nga ayise Munze.” Olwo newagyawo ekiwandiko: Yesu Kuristo kigambo kimu kyetulina okugondera, mubulamu nemukuffa, olwo netweyongerayo: “Tulina okugana engigiriza enkyamu etugamba nti waliwo ekigambo ekirala ekyenkana obuyinza kyetulina okuwulira, era ogondera okuleka ekigambo kino ekya Yesu Kuristo”.Wetegereze, **Bati**, atandise nakitundu, nagenda kukiwandiko kya “**Nazi”** owa **Gyamani** ekya 1934,olwo nalaga enjawulo. Teyatandikira kubiwandiko ebyabangibwawo olwo agezeko okulaga enkwataganya yabyo nebyawandikibwa. Mungeri enyangu, yatandikanga eyabangulwako mubya siyologye. **Bati** nga eyabangulwa mu byasiyologye, yatandika mungeri yemu: Yatandikira kunzikiriza y’barumi, okunyonyola kwe ku Baroma, olwo neyeyongera mumaso nengigiriza enungamu.

Munono yona, namatizibwa okuyita mubumanyirivu mububina obuyiga bayibuli, era ne mumangulwa yange mubya siyologye natwala nkola ya Bayibuli mumisomo (ebyasiyologye).Yensonga lwaki nina okugoberera enkola ya Bayibuli okusinga okugoberera enkola endala yona enteketekeke mubwegenderevu egenda nomutindo gwensi.

## “ NAMATIZIBWA NTI OKUBULIRA OKULIMU AMAKULU, KWE KUMAZE EBANGA EDDENE, OKWO KWANJA BAYIBULI.”

Namatizibwa nti embulira enungi abantu okulokoka eyita mungeri etali ntegeke nyo, eyita mukwezulira nga muyiga bayibuli,nga n’omwoyo togutadeyo nti obulira na ngiri. Endowoza yange mukubulira engiri eri munkola nga eyita mumikwano, nemumbera zaffe ezobulamu. Abantu abasinga mu Bakele bajja eri Kuristo nga bayita mukuyiga Bayibuli, mukwezulira nga tuyiga bayibuli, mukusabira awamu, munkolagana yaffe n’abantu abalala, nga balaba abakuristayo mundowoza n’okwagala, nokulaba abakuristayo bwebeyisa mubulamu bwabwe obwabuligyo. Olwo endowoza yabwe neyambibwa, nebebuza, era nebafuka abakuristayo.

Ekisembayo, namatizibwa nga embulira eyomuganyolo n’okusomesa okumala ebanga eddene eri mukwanja bayibuli okulungi. Ndowoza nina okubanyonyola enyanjula enungamu eya Bayibuli kyetegeza. Nakinyonyolako mukuwandika kwange okwasoka, ekyali mukiwandiko kya **“Fulla “Ekyasiyologye,amawulire,n’ebiwandiko.**Ekyo kyekiwandiko kyange ekyasoka kwekyo kyenali ndowoza kusomo lino. Mukiwandiko nanyonyola amakulu agali mumbulira yabayibuli enungamu, era yeno: ***embulira yabayibuli,kwekwanja ekitundu mundagano enkadde n’empya nga kirina okuba nensonga gyekiraga mungiri ya Kuristo,era nga kikakasa obubaka obuli mubwetavu eri abantu mumbera zaffe ezakakati***. Waliwo nekitundu kyasiyologye mumbulira; “Okubulira sikwekwogera ekitundu kyekyogera; naye olina nokwogera ekitundu kyekitegeza.”

Nga bwenkiraba, kino kizingiramu abasumba oba abasomesa okuva mukutegeka ekintundu okutukiira ddala ku nono yokwewayo okulaga enkozesa eva mu kyo. Eyo yembulira y’abaibuli. Era ndi mumativu nti ekanisa kyeyetaga. Era yengeri ematiza mumbulira eva ku nono. Nfayo nyo eri enono ezifanagana mu mbulira, naye nzikiriza nti enono mumbulira esinga, yeyo eva mu kitundu kyebyawandikibwa.

Ngenda kumaliriza ku nsonga, naye kansoke njawukaneko katono; kantunulire akabenje akali mukubulira obubulizi. Sogera bwogezi kukabenje mumbulila yasiyologye nga bwoba oyagade oba olabye. Kabenje mukanisa yona Kabenje mumbulira. Ndowoza lwaki watekebwawo akakiko akekenenya enyanja yabayibuli.

Waliwo engeri zamirundi ebiiri ezakabenje. Esoka nze gyempita embulira **“entegeke eyobufuge eva mumubulizi yeka”.** Era ndowoza yejude mumakanisa gaffe ebiro bino. Omubulizi alonda omutwe abantu gwebakiririzamu, nagwanja eri abamuwuliriza, naye abamuwuliriza tebafayo kutunulira na kwevumbulira mutwe okuva mukitundu. Bawulira buwulizi nga omukulembeze ababulira, omubulizi oba omusomesa ng’abagamba nti “kino kyetukiriza”. Tebalaba wekiva oba okukyevumbulira. Bababulira bubulizi; eyo gyempita embulira eva wagulu “entegeke eyobufuge.” Omusumba agamba nti, “Katonda abagala”, naye nga bo tebakyevumbulide mukitundu.Tebakiraba ngeri gyekivamu mukitundu; bakibabulira bubulizi.

Ngezako,kulungamya munsobi gyendaba mumbulira eyebiro bino, naye engiri ebulidwa okumala ebanga eddene, ababulizi abawerako eva munsonda nga zangeri satu.

## "OKUBULIRA SIKWOGERA BWOGEZI KITUNDU KYEKYOGERA: OLINA NOKWOGERA EKITUNDU KYEKITEGEZA."

(1) Esoka ekwata kumusumba namusomesa. Mungeri endala, omugugu gwa mukama guli ku musumba, omugugu gwawulira bwebubaka bwagenda okuwa: Ekyo kyempulira kyesingamye mukutambula kwange ne Mukama.

(2) Ensonda eyokubiri, obubaka buva mwebyo omusumba byayisemu. Ndimweralikirivu akatono eri enkola eno empya eri mu seminare zabamerika ekwata kumbulira eno. Abantu nga obanyonyola ngero ze. Abantu bowa engero zo bo baba baze kuwulira ngiiri. Kino kitegeza omusumba byayisemu wiiki eno, mukutambula nemukama, olwo efuka ensibuko eyobubaka. Okubera ayogera obulungi obugero bwo, yengeri abantu gyebagya okwagala obukakafu kwebyo byoyogera. Jukira olunyiriri okuva mumuzanyo **"okukaaba kwabantu abangi?"** Wewo Taata wa **Timu** weyagambira **Makko**, eyali yakayingira mubuseminaliyo, eyali tali musanyufu nabubaaka bwa Taata wa Timu. " Tewasimye bubaka bwange, bwe kyabadde?" Makko nadamu nti nedda,si bwekyabadde". Taata wa Timu namugamba nti, "tomanyi nti, bambuza okulaga obukakafu nga maze okubulira? Babuza obukakafu!" Taata wa Timu ayogera nyo obugero.Obubaka bwe buva eyo gyatambulide wiiki eno.

(3) Ensibuko eyokusatu, eno yesinga okuba eyakabenje, eno yendowoza y'abakurisitayo eyawamu, bulimuntu gyatekedwa okumanya,naye nga tewali agiraba oba agizude. Ffena tumanyi amazima, eyo yengeri ebintu gyetubitwalamu nga byangu nga bifuse bya kuyiga buyizi nga bya ddini. Omuvubuka omukulistayo nga tamanyi nabintu gyebiva.

Nkidamu: obubaka buva mungeri sattu eziri mumbulira entegeke eyobubaka obuva wagulu kukitutі.(Gyenayise eyobufuge). Esoka, mugugu gwa musumba, era nebaza Katonda olwo mugugu ogwo.Ebisera ebisinga mwoyo mutukuvu yaba agukutadeko, era ekyo nze sikiwakanya. Ensonda eyokubiri musumba byayisemu, n'ekyokusatu,byebyawamu buli mukuristayo byaba atekedwa okumanya.

Ensonda ezo zonsatule olusi zisebengerera nga ziva kungiri mpolampola nga tewegendereza "nga zigaziya" ate eri engiri nga "efunzibwa". **Luther**; kyeyasimbako esira yengiri "engazi" okusingawo ate nga ntegeke bulungi. Osobola ogiyiga; osobola ogyekenenya, era kwekukiriza kwebyafayo. Katonda ayogera era nga tusobola okumutegera. Naye bwentandika okubuuzibwa, engiiri ewambibwa, n'efuka ebyo byempisemu. Kambawe ekyokulabirako:

Emyaka mingi egiyise, nze namakka gange twali kulugendo nga tetusobola kugenda mu kanisa, netusalawo okuwuliriza omusumba nga abulira ku Radiyo. Nayogera nti agenda

kubulira kukusubira, nga akozesa ekitundu okuva mu Barumi 8. Ekyo kyansanyusa nyo kubanga ekitabo ekyo nkyagala nyo nadala esula eyomunana.

Ekitundu kyeyasoma kyali kikwata kuntegeka yobutonde obulungi. Mungeri endala kyali kyekugira nga si kusalawo kwakyo, naye okusalawo kwa Katonda. Nga oyinza okusubira nti ekitundu kyekubira “kukusala musango”. Naye Pawulo yewunyisa omusomi. Ebigambo ebitufu byali byekubira “kukusubira”. Awo kigambo “Kusubira wekirabikira” omusumba ono yasoma ekitundu nga atandika obubaka era ekyamazima nali siwuliranga asoma bulungi nga bwenawulira kwolwo.Kwali kusoma kulungi nyo era nenemera ku radiyo mpulire obubaka nga bwebutandika.

Omusumba yabulira obubaka bwe kukusubira, naye ekyabawo yatandika kunokolayo ebyo byayisemu mubulamu bwe nebyaze alaba. Ekimu kwebyo kyali kizibunyo nekindeta nokundeta amaziga; nze mpambibwa mangu. Nagabana nebirala byeyali ayisemu n’amaliriza obubakabwe n’okusaba.

Sagala kwogera bingi, naye amanyi ganzigwamu. Tewali mulundi nagumu gweyakubira kubyawandikibwa byeyasomye mukitabo kya Barumi. Teyakikiriza kyo kitundu kubako kyekinyonyola. Obubaka bwali bujude ebyo byayisemu byeyayigiramu okukiriza.

Muwala wange **Anne**, yambuza, “Taata, obubaka obwo obulowozako ki?” Nayagala kubwogerako kirungi, kuba ffe ababulizi tulina kuba kyekimu. Nemudamu nti nja kugambayo ekintu kimu, Anne nkabye olwekintu ekimu kyayogedeko mubulamu bwe”. Ago gemazima. Naye ekyo muwala wange tekyamumatiza, nangamba. Taata, obubaka obwo sibwagade. Kyeyadamu nga mubuziza lwaki ndowoza sirikyerabira. “ Kiki ekibi ekiri mububaka obwo?” Kindabikidenga omusumba oyo agamba nti, ‘mulina okuba nokusubira kuba nze nina okusubira’. Obwo bwebubadde obubaka bwe. Eyo si ngiri!’ Muwala wange, yali abadeko mububina obuyiga bayibuli.Okumala emyaka ebiri abade asoma obutabo obwawandikibwa **Paulo** nga bukwata kungiri ya Makko ne ku Kabakkuku, nga awo Anne tasobola kumala gakitwala, kuba yali amanyide okulaba nga engiri eva mukitundu ekiba kisomedwa.

Anne yali atabudwa kubanga ekitundu tekyenyonyolako. Kyekitundu kya Pawulo ekikwata kukusubira, ekikulu kwebyo byeyawandika, naye teyakiriza Pawulo kubako kyayogera. Naye yali ayogera bwogezi kubugero kwebyo byayisemu. Kiriza wamu nange, olunaku olwo bandimubuziza alage obukakafu kwebyo byayogera. Taata wa Timu yali talina kyayinza kola okusingako awo. Okwo kuba kubulira bubulizi bugero bunyuma.

Akabenje mububaka si kabenje kakukiriza,kubanga obubaka bwali bwakukiriza.Temwalimu ngeri yamagezi nyo, ekyo sigya kukikiriza, era tekyali, ndaba kigezo? Akabenje mububaka, kwekuba nga abawulira tebafuna mukisa kulaba nga obubaka obwokusubira busimbye emirandia mukitundu, ne mungiiri.

## “ENGIRI NEBYO BYOYISEMU BINTU BIBIRI NGA BYA NJAWULO” “OMULIMU OMUKULU MUKUBULIRA KWEKUWA ENSONGA NOGISIMBAKO NESIRA”

Nyinza okubuza ekibuzo ekinene. Bwoba olina kyoyise wiiki eno,oba omwoyo omutukuvu okukyalira, oba ekiroto, oba okwolesebwa; wandibulide kwekyo ku sande? Nedda, bwoba nga oli mungeri eyababangule, tosobola kikola. Byoyisemu birungi nyo naye gwe bulira ngiri. Engiri nebyo byoyisemu byanjawulo. Byoyisemu biwa obujulizi eri engiri, era nga ababulizi tulina okukozesa byetuyisemu okuwa ekyokulabirako okuyamba okutekawo enkwaso mumakati gaffe n’abantu abalala. Ebyokulabirako ogwo gwemulimu gwabyo era n’obugero.Naye nga sibwebubaka. Ebyokulabirako bwebifuka obubaka, olwo nga tekyali nkwaso ereta abantu eri ekitundu. Ebisera ebimu bwoba nga tokyalina kusubira,oba nga tokyalina kufayo? Byoyisemu, obugero bwo- biba tebimala. Twebaza Katonda olwa maama Tereza, naye maama Tereza si yengiri. Okwagala kwe, kwetulabye mu **“Kalukata**” sigemawulire amalungi, naye amawulire amalungi ye Yesu Kuristo.Engiri erina okuvayo eyo eri mukitundu ekisomedwa, era ekintu ekyomuwendo abantu kwekuzula engigiriza eyokukiriza mukitundu. Bwobawa ebyokulabirako, biba bigyawo bulungi.

Kampe ekyokulabirako ekirara ekiri mubuzibu buno; Waliwo abasumba bangi abatasobola kubulira nga tebalese bibugumiriza bakuristayo kukukiriza kwabwe. Kino kibawo kuba baba bagala balete abantu eri okusalawo. Omusumba ajja kubulira obubaka obulungi okuva mukatabo, awe ekitundu era bakitunuleko- olwo eddakika ettano ezisembayo, atandike okuyiwa olufulube lwebigambo ebiyita obuyisi kumitwe gy’abantu.Akaserako abantu bateka empapula zabwe kumabali; nga bamanyi nti bo n’obubaka banatera okutuka kukigendererwa.(oba kunkomerero).

**“Bwolekerawo okwogera ebiri mukitundu, maliriza.”**

Nga bwenabagambye nti, ndowoza akabenje ebiro bino mukubulira, kava mububaka obuteketeke obuva kukituti woka. Akabenje akakifanana kempita akobutayigirizibwa; awali agabana ebyo ebivumbudwa, naye awatali bwetavu oba kufayo, awatali kuwulira mugugu gwa Mukama. Omuntu olusi alongosa obuzibubwe, “Nze, nababulide amazima, nababulide engiri.” Naye olina okujukira enkola nembulira, nti olwokuba wayogede ensongayo nti olwo wagitaddeko esira. Omulimu gwokubulira, kwekulaga ensonga era nogisimbako esira neyingira eri bobulira. Ekyo kitwala omulimu n’obukugu. Mazima, kitwala ekyama ky’omwoyo omutukuvu okunyweza engiri n’ekitundu.

Engeri enyangu okunywezamu esomo, kwekuleka abantu nebevumbulira boka. Omulimu gwembulira enambulukufu, kwe kuyamba abantu nebalaba ekiri mukitundu. “Ha, ekitundu kyeyogerera, nkiraba wekiri, nkizude--- nkiraba.” Mungeri endala, ensonga yembulira enambulukufu, kwekukiriza endagano enkadde n’empya okujayo ensonga zo zenyini.

Oba kulembera kuyiga kwa bayibuli oba kubulira, ndowoza ekyo kyetagisa nyo mukanisa, nja kukikiriza nti ekanisa teyetaga bwetazi kubulira bubulizi kyoka, naye era nkikiriza nti okubulira ekanisa ekwetaga.

Nsaba mwe abasumba mube nga mwenyigira mububina obutono obuyiga bayibuli. Nagamba ekibina kyange, "enono esoka ekusobozesa okuba omwogezi kwekwewala enjogera ya Peteero". <u>Awo omuntu wayimusibwa okutuka watanatuka</u>. Tulina okwegendereza embulira eyo.Bwoba tosomesa kibina ekyokwegendereza ekyabavubuka, Lwaki tokikola? Bwoba tosomesa oba tewenyigira mukibina kyabayiga bayibuli oba mubabisomesa, oba abakulinako obuvunanyizibwa, lwaki tokikola? Lwaki okiriza okuyimusibwa mubifo ebyawagulu, eyo gyoyigira ekitundu kyekyogera,era neweteka wansi wekitundu ekyo ate notakibulira? Nsaba ffe n'abantu baffe, tugezeko okutandikawo obubina obuyiga bayibuli nga tugyekenenya eri obulamu bwaffe nemumakanisa gaffe

Ekisembayo, njagala era nywanirila embulira enambulukufu ebe nga kyekigendererwa mukubulira. Mumazima nzikiriza embulira enambulukufu, kwekuyita abantu babe nga balowoza wamu nawe mukitundu okumala akasera, oba mukatabo, mubyemusomamu, oba mubayibuli. Zamu amanyi abantu bo, okufumintiriza awamu nawe oba mukubaganyize wamu ebirowozo. Nina ekitundu, nkigye mubaluwa ya Pawulo eyokubiri eri Abasaseronika. Ebitabo ebyasoka mundagano empya Pawulo byeyawandika, zali baluwa zeyawereza nga ayima mu **"Athens"** eri ekanisa mu Sesalonika, mukisera ekyo ekibuga ekikulu nga bakiyita **Masedoniya.** Yawandika ebaluwa biri eri ekanisa kubanga waliwo ensonga ezali zibasumbuwa, mukisera kyekimu yali abawandikira nga abasaba obuyambi. Ekitundu kino kisangibwa musula eyokusatu mubasesalonika ekyokubiri: "Ekisembayo, aboluganda, mutusabire, ekigambo kyamukama kibune wona era kiyimusibwe nga bwekiri eri mwe". Njagala olunyiriri olwo; Ekyo kyekyama kyokubulira. Ekyama ekiri mubyona nti Omwoyo Omutukuvu ajja kutukozesa, era tulina okusaba ebyo ebyawagulu nokusingawo.

Re. Earl Palma abadde omuwereza mukanisa yabakadde eyasoka m Berkeley California okuva 1970. Ng'amaze okuwereza mu Phillippines ne mu Seatle, Washington. Awandise ebitabo bingi, Yafuna diguri (B.A) okuva mu Univasite mu California ku Barkeley era nafuna diguri endala (B.D) okuva museminare ya siyologye mu Princeton.

Akatabo kano kakubibwa nga bafunye olukusa okuva mu seminare ya siyologye eya **Fulle**r. Era kavunudwa **Ken ne Gigi ab'african outreach ministries p.o.box 25650 Kampala Uganda East Africa. E.mail:africa@workmail.com**

# **AWALI EKYOKUDDA MUBIBUZO**:
(ANSWER SHEET)

# MAKKO 2:1-12

| | |
|---|---|
| Kw= okwekenenya<br>Ek= Enzivunula<br>Nk= Enkozesa | Wetegereze: kino kyakulabirako so si somo lyona. |

1.Bantu ki abayogerwako mulugero?
Yesu, Abagongobavu,Abasajja abana,Abawandisi, Ekibbina.

2.Mulugero, Yesu yali luddawa mukasera ako?
Kaperunawumu

3.Kiki ekyaliwo? Olugero lukubaganye mubigambo byo.
Yesu yakomawo okuva e Kaperunawumu nga yakamala awaka enaku eziwera ko, abantu nebawulira nti Yesu wali. Abantu nebakungana awaka enyumba nejula ne Yesu nga yogera gye bali.Abasajja bana nebawulira nti Yesu wali nebaleta eyali agongobadde. Tebasobola kuyingira olwekibina, awo nebasalawo okumuyisa wagulu wenyumba kumukeka. Yesu nalaba okukirizza kwabwe, "mwana wange ebibi byo bikusonyiyibwa". Awo abawandisi nebemulugunya mubo nti lwaki oyogera mungeri yokuvola. Katonda yeka yasobola okusonyiwa ebibii. Yesu namanya ebirowozo byabwe nababuza nti lwaki balowoza batyo mumitima gyabwe. Nabuza nti" kiki ekyangu ,okugamba nti ebibi byo bikusonyiyibwa oba yimuka otambule? Naye okubakakasa obuyinza bwange, ngamba nti yimuka otambule!" Awo musajja nayimuka natambula abantu bona nebewunya. Buli omu yena natendereza Katonda, nebagamba nti, kino tetukirabanga ko.

4. Omuntu eyagongobala aba nabuzibu ki?
   Tasobola kwetambuza, Tasobola genda wantu wona. Talina kyasobola kwekolera ekyo abantu abalala kyebakola.

5. Kyandimuzibuwalidde kitya okusobola okutuka ku Yesu?
   Kizibunyo gyali kubang tasobola kwetambuza.

6.a. Abantu kika ki bano abana?
Bebantu abalemera kunsonga, abasajja ob'okukirizza.Ng'ekibinna tekisobola Kubalemesa

a. Lwaki bafuba nyo?
   Kubanga bamanya nti Yesu asobola okuwonyo omusajja ono. Ate nga bali basajja bakukiriza.

   c.Kukiriza kwani Yesu kweyali atogerako mukasera kano?
   Okukiriza kwabasajja abana.

7a. Lwaki Yesu yagamba:"Mwana wange ebibibyo bikusonyiyibwa"
Kuba Yesu yakizula nti omuntu ono Kyeyali yetaga okusinga kwekusonyiyibwa kwe bibii.Kino kyekyetogo ekisinga  ekizibu ekyomubiri

b.Eyo teyali nsobi wano?
Nedda. Kubanga Yesu ebisera ebisinga asisinkana okwetaga kwaffe okusingayo.

8.a. Kiki abawandisi kye bali bebuza kunjogera ya Yesu?
Obuyinza bwe obumusonyiyisisa ebibii. Katonda yeka yasonyiwa ebibii.

b.Bali bebuuza batya eli Yesu?
Bali balowoleza mumitima jjabwe.so si mukwogera.

9. Di Yesu weyadiramu ebibuzo byabwe?
Mukasera ako kenyini, Yesu yamanya kyebali balowoza era nga Katonda Yeka yategera emitima gya bantu. Mungeri eno yali ategeza nti ye ali kimu ne Katonda.

10. Soma nate enyiriri 9-11. Kiki ekyangu okwogera? Lwaki?Ebibii byo bikusonyiyibwa kubanga tewali ayinza kimanya. Bwengamba nti yimuka otambule, alina okuyimuka buli omu akimanye.

11.Biki ebyefananyiriza eri ekibii n'okugongobala?
Ekibii kigongobaza abantu ababula, tebasobola kweyamba. Bafira mubibii bybwe nokwonona okusinzira ku Befeso2:1

12 . Omuntu omugongobavu aba afananira ddala atya?
Muffu-atalina subi, atalina kigendererwa, alinga omuntu omufu.

13 Olina kyolaba ekirabikako Yesu Kyakolera abononyi? Ye, twali tufiride mubibi byaffe, ye natusoniwa. Twazukira nga abali bagongobadde.Yajja nga gongobalidde mubibii bye Yesu namusonyiwa era oluvanyuma nayimuka n'atambula.Kino Yesu kyatukolera mubulamu obugya bwetulina mu Kuristo.Tuli baddembe okutambulira mubulamu obujja mu Kuristo, nga tetukyasibwa nate olwekibii.

14.a Olina okukiriza okusobala okutwala omuntu omugongobavu mumwoyo eri Kristo? Wandika engeri gye wandikikozemu?
Nzikiriza Yesu ajakumpa okukiriza, nsobole okusubira abantu abalala basobola okulokoka era anyambe nsobole okubatukirira.Nsobola okubaleta eri Kuristo nga mbaleta mukuyigirizibwa kwa baibuli, ne mukanisa era nange kenyini okubabulira ku ntegeka ya Katonda eyobulokozi eri gye bali, mukusubira nti bajja kwetwalira obulamu okuva eri Yesu
b.Wandika ebyandikulemeseza okuleta abantu eri Kuristo.
Era  wandibiwangude otya?

1. Ekizibu ekikulu kyenandisanze bye birowozo byekibinna, oba abalala kyebandilowozeza kwe kyo kyenkola.Naye kino

nandikiwangudde nga ndi mwesigwa eri Yesu era nga namaso gange ngatadde kuye.

2. Ekizibu ekyokubiri, kwekuwakanyizibwa okwandiyimuse ngabantu mbabulira Kuristo. Naye kino nandi kiwangudde nga nemerako nga abasajja bali abana.

15.Laga ebintu ebirabikako nti ofayo eri abononyi.
Nandikikoze nga mbalaga nti ndiwo kulwabwe, nga ndi wamukwano gyebali. Nandigezezako okusisinkana ebizibu byabwe. Nandi sanyukidde wamu nabo, nenakuwalira wamu nabo.Ekisinga byona nandi babulide ku kwagala kwa Yesu.

16.Oyinza kola otya n'abantu abalala ,okusobola okuleta abantu eri Kristo?
Kyenandisose okumanya, nti okusobola okuleta abantu eri Kuristo kwetagisa okuba nga mukolera wamu. Omuntu omu ayinza okuba nga asimba ekigambo kyakatonda mwatali mukiriza,ate nze nempebwa omukisa okumuleta rei Kristo. Kino kigya kunyamba obuwereza bwabantu abalala okubusamu ekitibwa.okusinga okutakabana nabo,nina obayamba n'okubasabira.
Olimubaka agenda eri abantu?Jukira EKIBII KIGONGOBAZZA

# ZABULI 1:
## (Ekuddamu)

JUKIRA: Kino kyakulabirako mukufunza ne mu kusengeka. Guno simulimu omujjuvu.

1.OMUTWE:Omuntu omusanyufu oba Owomukisa oba engeri ebibbi
11.OKUFUNZA:
1. olunyiriri 1-3 Omuntu Owomukisa
2.olunyiriri 4-6 Omuntu Omwonoonyi
111.ENSENGEKA:

| OKWEKENENYA | OKUVUVULA | ENKOZESA |
|---|---|---|
| 1.Olunyiriri 1-3 lwogera kungeri eyokuwebamu omukisa | | |
| olunyiriri 1. Okuwebwa omukia<br><br>Wandika ebintu bisatu byosanye okwewala. | Kitegeza okusanyuka mungeri eyomwoyo omunda | Njagala okuwebwa omukisa/ nsanyuke.nja..(kola ki?) |
| a.Tatambulira mukutesa kwababii. | Kitegeza nti abakulistayo tebasanye kuwuliriza magezi ga nsi eno.Bagoberere magezi ga Katonda. Ensi ejjudde abawi bamagezi abasobola okuwabya abakulistayo. | Nina okwegendereza amagezi genfuna, olwo nsobole okutambulira mukwagala kwakatonda.Njakufuna okumanya……(gwe wediremu) |
| b.Newankubadde okuyimirira mukubo lyabononyi. | Nolwekyo waliwo ekubo abakulisitayo lye basanye okwewala.Ekibii kiyinza okutufukira ekikemo, era nekitutwala mukukiriza. | Nze/Tulina okwegendereza netutasangibwa mukubo lya bononyi. Netagga kutambula bulungi era mubutukurivu nga…… |
| c.Tatula kuntebe y'abanyoma.<br><br>Kiki ekimufula omusanyufu? | Munsi mujudde abantu abavoola banabwe-nebabaamalamu okukiriza<br><br>(si kuva mu kutambula kuda mukutula). | Tetuyinza kusanyusibwa oba okuwebwa omukisa nga tuvola banaffe.Nja kuma omutima gwange n'akamwa kange nga………………. |
| Olunyiriri 2. A mateka ga katonda gegamuasnyusa. | Kino kitegeza nti ekigambo kya Katonda kimuletera esanyu lingi nyo. | Njagala okweyongera okukiririza mukigambo kya Katonda. |

| | | |
|---|---|---|
| Fumintiriza ku kigambo kya katonna emisana n'ekiro<br><br><br>Omuntu ono afanana atya?<br><br>Olunyiriri 3.Nga omutti ogwasimbibwa kumabali g'omuga | Kino kitegeza amala ebisera nga soma nokuyiga ekigambo kya Katonda.<br><br><br><br><br><br>Omuntu ayiga ekigambo kya Katonda alinga omuti oguli kumabali gomuga. Buli kasera gulikirizibwa gufukirirwa nga tegulina kye gwetaga. | Njagala ekigabo kya Katonda kiyingire obulamu bwange, nolwekyo njagala okumala ebisera ebisinga obungi nga njiga era nga nfumintiriza kukigambo.<br><br>Negomba okuba nga omuntu ono.Njagala emirandira jange nga gyisimbye. Ntya?<br>1.Nsoma era nga ngiga ekigambo.<br>2.Buli lunaku nga nefisizawo akadde okola ekyo |
| Gubaala ebibala muntuko za gwo.<br><br><br><br><br><br>Ebikola tebikala | Waliwo ekisera kye bibala.Sibuli kisera nti gunabaala, naye waliwo ekisera ekyokubala,ekisera ekya buli kintu, ekisera ekyokusalira, nebirara.<br><br>Waliwo obulamu buli kisera.teguffa, guba nobulamu-nga gusanyusa mumakati golumbe.Ensi ejjudde kuffa ate nga obukulistayo bulamu. | Nsaba Katonda ambaze muntuko zange.<br><br><br><br><br>Ndi mulamu mu mukamawaffe Yesu. |
| Buli kyakola kiraba omukisa.<br><br>2.Olunyiriri 4-6 Zogera kumuntu omubi.<br><br>Olunyiriri 4-Simwononyi nyo<br><br>Balinga kasasiro.<br><br><br>Olunyiriri 5.Ababi tebaliyimirira mumusango. | Katonda ayagala abakulistayo bakula kulane,Naye balina okuba mukigambo kye.<br><br>Okwonona temuli subi.<br><br><br>Ekibika kunsigo bwekigibwawo - zifuyibwa. Nga temukyali kyamugaso<br><br>Ensi teriba nakyakwewolereza kunkomerero,teriyimirira mumusango,yate guli gyisinga | Njagala okulakulana mubuli kyenkola!<br><br><br>Numwa olwa bononyi era njagala ngende gyebali mbayambe.<br><br>Ensi terina subi, tewali kiriberera ebweru wa Kuristo<br><br>Kibinyo okumanya nti ensi erisalirwa omusango. Njagala okusisinkana ababula balokolebwe |

| | | |
|---|---|---|
| Ababi mukunganilo lyabalongofu | Wano tewali nsi weyinza kubera(Kinno tekyogera kumakanisa gaffe, naye muggulu). | Katonda atekeratekera ekifo abaana be, naye abononyi balina ekifo kya bwe tekyeyagaza. |
| Olunyiriri 6<br>Amakubo gomutukirivu | Mukama oli n'abantu be | Katonda ali wamu nange mubuli kuba ne mukifo kyona. |
| Na, | | |
| Gababi | Balizikirira. | Nze ndiwano kuyamba ababula n'abazikirira. |

| | | |
|---|---|---|
| | | |

# ESOMO LYA YUDA
## ( Ekyokudamu)

**Wetegereze:** Kino kya kulabirako kukufunza no kusengeka oyambibwe okufuna okutegera. Naye kino tetukimazeyo mubujuvu.

**1.OKUFUNZA**

A. Enyanjula — Enyiriri 1-2
B Ekyali kigendererwa — Enyiriri3-4 (ekigendererwa mubaluwa eno; Kwekulabula ekanisa eri enjigiriza enkyamu)
C.Okusomesa okukulu — Enyiriri 5-23
1. Abayigiriza abakyamu — Enyiriri 5-16
2..Okuwana ekkanisa — Enyiriri 17-23
D. Okuwumbako — Enyiriri 24-25

**11. ENSENGEKA YE NFUNZA:**

| OKWEKENENYA | OKUVUNULA | ENKOZESA |
|---|---|---|
| **1.Enyanjula:** nyiriri 1-2 Enyirir zino zituwa envumbula y'embuza. | Ebaluwa ezimu zitandika mungeri ngeno. | |
| Yuda | Yeraga nga ye muwandisi webaluwa eno, yeyita muddu wa Yesu Kuristo,. Era muganda wa Yakobo, era ekimufula muganda wa Yesu. | |
| Olunyiriri 1. Omuwereza wa Yesu Kuristo | Ekigambo kitegeza omwereza owuwe ddala ekitegeza omuddu omugule owa Kuristo. Yafuna eddembe naye yasalawo okuba omuddu eri mukamawe-Yuda awulira nga muwereza oba muddu wa Yesu Kuristo mungeri gy'eyesalirawo. | Twetaga okubera abawereza ba Yesu Kuristo. Njagala okwewerayo ddala eri Yesu, nga nkola nga bwandagira. Tya?<br>1.Nga mberawo okulaba nga nyamba omusumba buli wayagalira obuyambi.<br>2.Nga nongosa ekanisa kulwomukaga. |

| | | |
|---|---|---|
| Olunyiriri .1. Eri abo abyite.<br><br><br>Olunyiriri 1. Katonda yeyanjagala<br><br><br>Olunyiriri 1. Tukumibwa Yesu Kuristo<br><br><br><br><br>Olunyiriri 2. Okusasira Emirembe<br><br><br><br><br><br>**11.Ekyagendererwa okwogera kino**<br><br>Olunyiriri 3-4 Ekigendererwa kye baluwa eno kwe kulabula ekkanisa eri abayigiriza abakyamu, abayingira mukanisa.<br><br>Abemikwano<br><br><br>Yali ayayana okuwandika kubukuristayo.<br><br><br><br><br><br><br>Olunyiriri 3. Okuwakanira okukiriza.<br><br><br><br>Olunyiriri 4. Waliwo abantu abayingide empola kukanisa | Kino kintegeza nti ebaluwa yawandikibwa er bakiriza-abo abayite.<br>Katonda ayagala abaanabe era nabawa omwana we tulyoke tube abalamu.<br><br>Abakuristayo bakumibwa Katonda olwekigendererwa.-tewali kabenje katuka kubanabe.<br><br>Ebyo ebiwebwa abakiriza abali batasanira, naye mubungi ddala. Buli mukiriza yena abimuwa Katonda n'okusingawo<br><br><br><br><br>Kino olusi kiba kyamutawana eri ekanisa.<br><br><br><br><br><br>Bano baluganda Yuda bawandikira mukanisa.<br><br>Yuda yayagala okuwandika okusingawo enyo kubukuristayo,naye nakizula nti waliwo akabenje akajide aboluganda.<br><br>Kino kitegeza okunywerera kwekyo, ngoyimiridde ngonywedde ddala.<br><br>Abayigiriza abakyamu bayingide mukanisa nga begana yesu okuba omulokozi wabwe era | Twayitibwa Katonda.<br><br><br>Bwetuba twayagalibwa Katonda: nga kyamuwendo okwagalibwa Katonnda.<br><br>Tukumibwa era nga tulina obukumi.Kyamuwendo okubanga tuwulira obukumi nga tuli mungaro za Katonda<br><br>Tulina okubera nekyo Katonda kyatuwa.Mperedwa omukisa Katonda.<br><br><br><br><br>Tulina okwekuma eri abayigiriza abakyamu.<br><br><br><br><br><br><br><br><br>Tulina okuyiga ogabana nebanaffe , naye okusingira dala kubulokozi.<br><br><br><br><br><br>Tulina okunywerera kukukiriza kwaffe.Kino nkikola nga nkola mungeri bweti……………..<br><br>Abengigiriza enkyumu bagala nyo okuba awo katonda wakolera. Netaga |

| | | |
|---|---|---|
| | mukama wabwe.Basasanya engigiriza enkyamu,era nebaletawo ekizibu | okwekuma abantu nga bano. |
| Abantu abatalimu Katonda. | Tokiririzanga mubantu abatali balongovu, newankubadde ngabefula nga banamwoyo enyo. | |
| 111.Okussomesa okukulu: Enyiriri 5-23 | | |
| Okusomesa kuno kugabanyizibwamu ebitundu bibiri: | Yuda tatubulira bubulizi kizibu,naye atuwa nekifananyi kyabwe. | |
| A.olunyiriri 5-16 zikwata kubasomesa bakyamu ne nfananayabwe. | | |
| Olunyiriri 5. Abo abatakiriza (Abantu be) | Yuda ayogera kubana ba Israeri abava emisiri naye nebagana okukiriza. | Waliwo akabenje nze akobutakiriza, newankubade nga maze okulaba kubyamagero. |
| Olunyiriri 6. Bamalayika abatakuma kifo kyobwe. | Tuyogera kubamalayika abagwa, abayonona nebatatuka kukitibwa kyakatonda. | Katonda alina ekifo kyabuli omu ekyenjawulo, naye tuyinza okukigana. |
| Bakumibwa mukifo ekyekiziziza munjegere egy'emirembe n'emirembe | Kyogera kukusala kwomusango gwa Katonda eri akibi nabo abamugyemera. | Okusala kwomusango gwa Katonda gwabuliwo. Nze siyagala kugyemera Katonda. |
| Olunyiriri 7. Sodomu ne Gomola | | |
| Olunyiriri 9. Malayika omukulu Mikayiri | | |
| Awakana n'omubii | | |
| Olunyiriri 11. Cayini, Balamu, Koola n'abalala. | | |
| B. Enyiriri 17-23, Kyekitundu ekyokubiri | Katonda alina ekyokudamu mubuli kizibu. | |

| | | |
|---|---|---|
| ekituwa ekyokudamu mukizibu.<br>Olunyiriri 17. Jukira ebigambo by'abatume<br><br><br><br><br>Oluniriri 18.Munaku ezoluvanyuma walibawo Abasekerezi.<br><br><br>Olunyiriri 19.Tebalina mwoyo.<br><br>Olunyiriri 20. Wezimbirenga mukukiriza okutukuvu.<br><br>Sabirako mumwoyo<br><br>Olunyiriri21. Wekumire mukwagala kwa Katonda.<br><br>Nokusingawo<br><br>**IV.Okuwumbako**<br>Enyiriri 24-25 Enyiriri zino zituwa esala esembayo emanyidwa enyo.<br><br>Wekume obutagwa, era werage nga toliko kyakunenyezebwa mukuberawo kwe.<br><br>Nokweyongerayo. | <br><br>Ekyokudamu eri ebizibu byenjigiriza enkyamu kwe kugenda mukigambo kya Katonda. Kiki kye yayogera nga ayita mubatume be nebannabbi?<br><br>Tumanya ekizibu kyabwe kyeki, era abantu nga bano tubasanga mumakanisa gaffe<br><br><br><br>Mala ekisera ne Yesu mukigambo ne mukusaba. Nakyo kyakudamu. | <br><br><br>Nina nga okujukira ekigambo kyakatonda ekyokulabula.Ekigambo kye kinungamya mumazima.<br><br>Waliwo abantu mukanisa yange abali mukiti nga kino.Nina okubekuma.<br><br><br><br><br>Kyamuwendo okulira mu Kuristo era kino kibawo nga negulide obudde. |

# ZABULI 139
**(EKYOKUDAMU)**

| | |
|---|---|
| **OMUTWE**: | Obukumi Mumukama |
| **EBIKA BYE NFANAGANYA**: | Okusinga ebyo kugingirira |

**Okufunza.**
**1.Okumanya kwa Katonda (Yemagezi g'omuntu) nyiriri 1-6 Eyongerwako**
**11.Katonda abera mubuli kifo kyona nyiriri 7-12 Gawukana**
**111.Okutonda kwa Katonda nyiriri 13-16 Gegamu**
**1V.Endowoza ya Katonda nyiriri 17-18 Eyongerwako**
**I. Ekibi n'omwononyi nyiriri 19-22 Eyongerwako**
**II. Okwegatirira Katonda nyiriri. 23-24 Eyongerwako**
**WETEGEREZE: Ekyokulabirako tekiwedeyo,naye kutuyamba mungeri yokusengeka n'okufunzamu.**

| OKWEKENENYA | OKUVUUNULA | EKOZESA |
|---|---|---|
| 1.Okumanya kwa Katonda (Zabulii 139:1-6) | Katonda amanyi byona ebitukwatako.Tewali ayinza mukweka kintu kyona. Amanyi kubuli kitukwatako. | Sisobola kwerimba nti katonda alina kya tamanyi ekinkwatako |
| Wanonya n'ondaba | | |
| Omanyi amatula gange n'amayimirira gange | Katonda amanyi buli mayitira ga buli omu. Amanyi nga balwawo okusalawo Ekyokola. | Siribako wendaga nga sifunye kutegeza kwa Katonda. |
| Omanyi ebirowozo byange nga sinabako kyenkola | Tewali kikwekedwa Katonda.Buli kirowozo kyamuntu kiri mumaso ge. Abimanyi byona! | Kintisa nyo okumanya nga katonda alaba ebirowozo byange.Nsaba byenfumintirizza bibe nga bimusanyusa. |
| Amakubo gange gonna agamanyi. | Okumanya kwa Katonda eri abaana be kwakinomu era nga kwamunda | Enkolagana yange ne Katonda erina kuba nga yakyama era nga yanjawulo. |
| 11.Katonda abera wona (7-12) | | |
| 111.Okutonda kwa katonda.( 13-16) | | |
| 1V .N'Ebirala. | | |

# MAKKO 6: 45-52

**Ebyokudamu**
**(enkola y'ebibuzo byoka)**

**KW. 1. Bantu bameka abetabyemu?**
**Ekyokudamu: Yesu, Abatume, n'ekibina.**
**KW. 2. Abatume bali balagawa?**
**Ekyokudamu: Besiseyida**
**Kw. 3. Nyonyola olugero. Mubigambo byo.**
**Kw. 4. Wa Yesu gyeyagenda okusabira?**

**Ku. 5. Lwaki kino yakikola?**

**Nk. 6. Okusaba kwamuwendo gyendi? Lwaki?**

**Kw. 7. Kiki ekyatuka kubatume nga bali mumakati ge nyanja?**

**Ku. 8. Lwaki bali bekwata kunkasi zokulyato eziryamba okutambula**

**Nk. 9. Wali owulideko nga abira oba nga omuyaga gukugidde?**

**Kw. 10. Sawa zali meka ezekiro?**

**Ku. 11. Esawa eyenya eyokutunuliramu ebawo di?**

**Kw. 12 Kiki Yesu kyeyakola nga alaba abatume be bali mukatyabaga?**

**Ku. 13. Lwaki Yesu yatambula butambuzi okubatukako?Natakozesa Lyato?**
**Ku. 14. Lwaki Yesu yabatiytako buyisi okusinga ogenda gyebali ..Lunyiriri..48?**

**Kw. 15. Kiki Abatume kyebalaba?**

**Ku. 16. Lwaki batya nyo?**
**Kw. 17 Kiki Yesu kyeyabagamba?**
**Kw. 18. Kiki ekyabawo bweyalinya mulyato?**
**Kw. 19 Abayigirizwa badumu batya?**

**Ku. 20 Lwaki badamu nga bewunya?**
**Ku. 21. Kiki Abayigirizwa kyebali batategera ekikwatagana n'emigatti?**
**Ku.22. Lwaki emitima gyabwe gyali mikakanyavu?**

**Nk.23. Nina kudamuntya mubisera ebyebizibu?**
**Nk.24. Dala nzikiriza mu Yesu okununula?**
**Nk.25. Kingwanide okwewunya olwekyamagero bya Yesu?**

# OLUGERO LWO MUSIIZI (MAKKO 4: 1-20)

**( Wodiramu)**

**1.OKUFUNZA OLUGERO**

**A. Enyanjula/ Empandika yolugero** **Enyiriri 1-2**
**B. Olugero** **Enyiriri 3-9**
**C.Ekisumuluzo ekikuyamba okutegera olugero** **Enyiriri10-13**
**D. Okunyonyola olugero** **Enyiriri 14-20**

**11.EKYALI KISIMBIBWAKO ESIRA KYALI KI? (Engeri eyokubala mu ebibala)**

**111. ENSENGEKA YOLUGERO**

| OKWEKENENYA | OKUVUNULA | ENKOZESA |
|---|---|---|
| A.Nyiriri 1-2Empandika yolugero | | |
| Ekibina ekinene nekikungana | Abantu bajja kulubalama lwe nyanja ne kyetagisa Yesu Elyato okubasomesa. | |
| Olugero | Yesu yayigiriza mungeri eno erina ekyokulabirako mubulamu ekisomesa amazima. | Byakuyiga ki byenyinza okuyiga mulugero luno (biwandike) |
| B.Enyiriri 3-9 olugero | Enyiri 14-20 zinyonyola olugero. | |
| Omusizi | Mungeri eno Yesu ye musizi- nomuntu yena asobola okusiga ekigambo. | Njagala okuba omusizi wekigambo kyakatonda. (wandika egeri z'okubamu omusizi) |
| Ensigo ezimu zagwa | Ensigo kyekigambo kya Katonda(olu.14) | Njagala okuwulira n'okufuna ekigambo kyakatonda. (w'amakubo gokikolamu) |
| 1.Ekubo | Ekubo gumu ensigo tezisobola kumera. | Etaka lyange terisanye kuba gumu,ekigambo kirime kulemererwa kuyingira. |
| Ebinyonyi | Sitani (olu.15) | |
| 2.Ettaka ekalu | Olu.16 ettaka eryaguba, | |

| | | |
|---|---|---|
| **Olunyiriri 5 takka tono** | **abantu abawulira ekigambo n'esanyu. Emirandira tegisobola kusimba** | **Sagala taka lyange kuba nga lijudde ebitasana, ekigambo wekitasobolera kuyingira ewala, era kyo kiyinza okundetera okubawo akasera katono.** |
| **Zivayo mangu** | **Zijjakubawo akasera katono, okunyigirizibwa, n'okuyiganyizibwa bwe kujja…nga ziffa.**<br><br>**Wetegereze☹Ekinyonyola 3-9 kirina kuvira ddala mu nyiriri 14-20)** | |
| **3.Ettaka erya magwa.** | **Olu. 19= Ebintu bisattu ebiziyiza ekigambo:**<br>**1.Okwerarikiria kwensi**<br>**2.obulimba bw'obuggaga**<br>**3.okwegomba ebintu ebirara.** | **Okweralikirira okwensi eno,okuyayanira sente n'ebirira biyinza okuyingira mubulamu bwange nesibala bibala? Byebiruwa ebyo? (Biwandike)** |
| **4.Ettaka edungi.** | **Olu.20 Abo abantu abawulira ekigambo ne bakitwala era nebakikiriza okubala ebibala 30, 60, ne 100.** | **Obulamu bwange bulina okuba mutaka edungi wempulirira ekigambo kya Katonda ne nkikiriza era nembala ebibala.** |
| **Ony. 10-13 Ebisumuluzo by'olugero.** | | |
| **Mwe muweredwa ekyama ky'obwakabaka bwa Katonda.** | **Abayigirizwa bawebwa okutegera kubanga bakisaba.** | **Nina okunonya Yesu ampe ekyokudamu. Oyinza kikola otya? (menya)** |
| **Abebweru.** | **Abo abawulira byona mungero nebatabuza bibuzo kufuna kyakudamu.** | **Abantu basigala "ebweru" kubanga tebanonya Mukama n'amazima.** |
| **Erimwe-Abomunju.** | **Abayigirzwa bagoberera nobwegendereza oyo ajamu okumanya.** | **Tulina okunonya mukama kuba yalina eky'okudamu.** |

**1V. Kola ebibuzo ebyo kwekenenya.Okuvunula, N'enkzesa okuva munsengeka.**

**Ekyokulabirako:**

**1.Olugero kyeki?**
**2.Nyonyola olugero mubuziba? (mubigambo byo)**
**3.Omusizi y'ani?**
**4.Ensigo kyeki?**
**5.Wandika ebifo bina ensigo wezigwa?**
**6. Anni akikiridwa ettaka**
**7.Abantu bamitendera ebiri bebaluwa Yesu beyanyonyola ko?**
   **a.Biki byebalina ebifanagana?**
   **b.Bawukana mungeri etya? (nyonyola.?**
**8.Ettaka kyeki?Lifulibwa litya "edungi"**
**9.Kiki ekyali kigendererwa mulugero luno?**
  **Etaka yembera etavawo mubulamu bwabantu oba yembera mumitima gyabwe esobola okukyusibwa? (tektetagisa nyo zembera ezisobola okukyuka.)**
**10.kisoboka kitya okuvamu n'okubala?**
**11. Okubera nga obala ebibala kyabuli omu?**

# ISAAYA 1

**(Olupapula awali ebyo kudamu)**

**Kyakulabirako bulabizi, simulimu gwona.**

**OMUTWE: Obujemu bw'amawanga**

| OKUFUNZA: | | EBIKA BY'OBUNABBI: |
|---|---|---|
| 1. Enyanjula | Olu.1 | Bwakisera ekyo |
| 11. Okulabula eri Israeri | Nyi.2-6 | Bwakisera ekyo |
| 111. Omusango | Nyi.7-9 | Bwamumaso |
| 1V. Eddini eyokungulu | Nyi.10-15 | Bwakisera ekyo. |
| V. Ekondere ly'okwenenya | Nyi 16-20 | Bwakisera ne mumaso |
| V1. Embera yo mwenzi | Nyir.21-23 | Bwakisera ekyo. |
| V11. Omusango n'okomezebwawo | Nyi.24-31 | Bwamumaso. |

| OKWEKENENYA | OKUVUNULA | ENKOZESA |
|---|---|---|
| 1. Okwolesebwa Isaaya | Eri Yuda ne Yerusalamu Omwana w'Amozi | |
| 11. Enyi.2-6 | | |
| Wulira gwe eggulu n'ensi | Mukama ayogede | Netaga okumuwuliriza? Ntya? |
| Nakuzza era nendera abaana | Katonda ebisera ebisinga alabirira abana be. | Andabirira nga Taata. |
| Nebanjemera | Abaana ba Israeri bali bajemu nyo. | Nina okwegendereza nesigyema naye nemba mugonvu mu bulikintu kyona |
| Ente ne Ndogoyi | Zimanyi mukama wazo naye Isiraeri temanyi. | |
| Egwanga eririna ebibi: erijude okwonona | Abaana ba Israeri balina ebibi binji | Njagala mbe nga siwulira musango………… |
| Abakola ebibi: Abaweredwayo eri obwononefu<br>Balese mukama kebakubibwa nate? | Bali mubulamu bwekibi Bamuvako<br>Ekibi kyabwe nekiretera ekibonerezo. | Nyinza nange okwononeka?<br><br>Osanga nyinza okuyigira kunsobi zange ne sidayo kubonerezebwa nate.<br>Kino: Okukangavulwa kwa mukama. |
| Lwaki okulemera mubugyemu? | Tewali kutegeza mukulowoza | Kiki ekiva mubugyemu? |
| 111. Enyiriri 7-9 | | |

| | | |
|---|---|---|
| **Ensi ezise,Ebibuga byokedwa, enimiro njerere.** | **Okulabula kwa Isaaya nti Israeri erigyibwawo abalabe.** | **Nja kwewala omusango gwa Katonda nga mugondera.** |
| **Enyi.10-15<br>Abafuzi ba Sodomu<br>Abantu baGomola** | **Olulimi olwakozesebwa okutulaga abantu embera gye balimu.** | |
| **Ebiwebwayo ebyomudiringanwa<br>Mbikoye<br>Sisanyukira mumusayi gwa nte, ndiga nambuzi.** | **Bali bantu baddini nyo abayita mubuli kalombolombo kaddini.** | **Waliwo akabenje mukubera munaddini nokkola buli kisana kyona naye nga Katonda omuli wala olwokwononakwo.** |
| **Nkyaye okungana kwemyezi gyamwe egyibonese, binfukide omugugu** | **Katonda yakyawa embaga zabwe kuba emikono gyali gyijude omusayi. Nga basalirwa omusango olwekibi.** | **Katonda agya kunyiyibwa ebiwebwa yo byange singa senenya kibi kyange era tajjakuwulira saala zange.** |
| **Olukunkumuli lwe saala** | **Katonda tajja kuwulira saala zabantu nga basaba nebibi byabwe bye batenenyeza** | |
| **V, Enyi.16-20<br>Mwenaze<br>Mujewo ekibi<br>Mulekere awo okwonona** | **Abakiriza balina okwekuma eri ekibi. Nga balina ekibala ekyokwenenya.** | **Nina okuba nobuvunanyizibwa kukibi ekiri mubulamu bwange nenonya nengeri gye netukuzamu.** |
| **Newankubade nga ebibi byo bitwakavu,ngolugoye olumyufu, binatukula nga omuzira.** | **Luno lulimi olutulaga okusonyiwa bwa katonda.** | **Ekisa kya Katonda n'okusasira kwe biri mukusonyiwa kwe.** |
| **Muwulire era mugonde<br><br>Mugane era mugyeme** | **Muja kufuna ekisinga ekyakatonda<br>Muja kubonabona olwekyo ekivamu** | **Njagala okufuna ekirungi ekya katonda so si kibi!** |
| **V1. Enyi. 21-23<br>Ekibuga ekyesigwa okufuka omwenzi.<br>Obutukirivu bwali mukyo** | **Olumu ekyali ekyesigwa era ekitukirivu kati kijude obubi.** | **Nina okwekuma ekibi kyona ekigezako okuyingira munze.** |

| | | |
|---|---|---|
| **Abakulembeze bagyemu Mikwano gy'ababi**<br><br>**V11. Enyi.24-31 Ndibakyukira nembalwanyisa**<br><br>**Ndikomyawo abalamuzi bamwe, n'abatesa ebigambo byamwe Muliyitibwa balongofu era ekibuga ekyesigwa**<br><br>**Ababi na bononyi balizikirizibwa wamu.Abo abaleka Katonda** | **Abantu bavude mukintu ekirungi, negada mukibi enyo.**<br><br>**Omusango gwa Katonda gulina okubawo**<br><br>**Omusango gwa Katonda gwa kununula, so si gwa kuzikiriza**<br><br>**Abantu bakatonda singa bagana okwenenye, tewali subi eri bo.** | **Katonda alinsalira omusango kwebyo byona mubulamu bwange.**<br><br>**Okusalakwe okwomusango kwabulungi bwange, okunyamba okuda kukubo egolokofu.**<br><br>**Nsobola okufuna esubi singa nkyuka.** |

# ISAAYA I

**Ekyokulabirako mukufunza obubaka.**

**1. <u>ENYANJULA</u>:Kino kiba kirungi okuwa enyanjula ye kitundu kyogenda okuyigirizamu. Era laga ekyali kigendererwa okuwandika ekitundu.Oba kigerageranye nembera zaffa ezabulijo.**

**11.<u>OKULABULA ERI ISIRAYIRI</u>- ( nyi. 1-6) Kitundu kyabubaka obwekisera. Ensonga enkulu; Obugyemu bwa Israyiri)**

**(OKWEKENENYA) (OKUVUVULA) (ENKOZESA)**

**Olu. 1.Isaaya yani,ekisera wekyawandikibwa, ani gweyali awa obunnabbi.**
**Olu 2 wuliriza, wulira- Katonda bwayogera buli omu asanye okuwuririza-1/**
**/ Tulina okuwulira Katonda kyagamba**
**Abaana benarera-**
**Banjemede-**
**Olu.3. Ente-**
**Endogoyi-**
**Isirayiri temanyi-**
**Olu.4. Egwanga elyononefu-**
**Lizitoweredwa n'obubi-**
**Abaana abakola obubi-**
**Balese mukama-**
**Olu.5. Beyongera mubujemu-**
**Omutwe gwona mulwade-**
**Olu. 6 Okuva kubigere okutuka kumutwe-**
**Nkwagulo, binubule ne biwundu ebigya-**

> LABA: Enyiriri zino zona,ebigambo ebikulu nenjogera zona zetaga okugata awamu okusobola okujayo amakulu agali mu <u>buli</u> kitundu. Mungeri eno, bulikitundu kirina okulaga amakulu agali mukitundu kyona, era buli kwekenenya kwona nga kuyamba okuwagira ensonga enkulu eri mukitundu.

**111.<u>OMUSANGO</u>- (Enyi.7-9)Zikwata kubyamumaso. Ensonga enkulu: Katonda ali lamula.**

**Olu.7. Ensi erekedwa-Nyonyola; Nnabbi alaba ebyomumaso ebigenda okubawo**
**Mukusalira abantu omusango.**
**Laga enkozesa.**
**Ebibuga byokedwa (OKUVUNULA) (ENKOZESA)**
**Olu.8 Kirekedwa nga ekizimbe-**
**Mumizabibu-**
**Ekibuga ekiwambe-kozesa akagero okujayo ensoonga (nga ekibuga kya Kebu oluvanyuma lwa kabenje)**
**Olu.9. Abasigalawo batono ddala-**
**Sodomu ne Gomola-**

**1V<u>. EKIKA KYEDDINI EYOKUNGULU</u>-(Nyir.10-15) Kitundu kyakisera ekyo.Ensonga enkulu. Bano bebantu abalabikanga nga banaddini nyo,naye nga tebasinza namitima gyabwe gyona.**

**Olu.10 Abafuzi ba Sodomu- (ENZIVUNULA) -(EKOZESA)**
**Abantu ba Gomola-**
**Olu. 11 Saddaka ezomudiringanwa zemumpa-**

**Nzikuse-**
**Olu. 12 Ani yabagamba okulinyirira empya zange-**
**Olu. 13 Ebiwebwayo ebitalimu-**
**Olu. 14 Nkyawa embaga zamwe ezomwezi ogubonese-**
**Olu.15 Mwanjala engalo zamwe mukusaba-**

**V.<u>EKONDERE ERI OKWENENYA</u>- (Nyiri. 16-20) Bwakisera ekyo N'ekyomumaso. Ensonga enkulu:Mwenenye ekibi.**
**Nyiriri 16-20 Bigambo bikulu oba njogera nkulu-Nyonyola-Laga enkozesa; Tunakolaki era tunakikola tutya.**

**V1. <u>EMBERA Z'OBWENZI-(</u>Eny.21-23) Bwakisera ekyo.Ensonga enkulu:Mwava mukubo eryobuntu bulamu n'obutukirivu**
**Eny.21-23 Bigambo bikulu oba njogera-Nyonyola-Laga engeri yokuteka Amazima "munkola".**

**<u>V11. OKUSALA KWOMUSANGO NO KOMEZEBWAWO-(</u>Eny.24-31) Kitundu kyamumaso.Ekigendererwa:Katonda aliramula nate nga ekigendererwa kununula.**
**Enyiriri 24-31 Ebigambo ebikulu oba enjogera- Nyonyola- Laga enkozesa**

**V111.<u>LAGA EMPUMBAWUMBAKO N'ENKOZESA ESEMBAYO</u>- Nga okozesa obugero oba byoyisemu osobole okulaga ensongazo, kikola nyo.**